Ekkanisa n'Embeera Yaayo

Ndwadde etali ya bulijjo na ddala eri omwana omuto okujjukirwa enkya ya leero mu kusaba, kale mazima twagala ffenna tukole ekyo. Abasawo tebagimanyi na kugimanya. Waliwo erinnya lye baagituuma, naye ndowooza baafunayo bufunyi linnya lya kugiyita, baali—baali tebamanyi kiki ky'eri. Era, naye Kristo amanyi ky'eri. Nsobola okubabuulira ky'eri, oyo ssitaani, ekyo kituufu, ye ssitaani. Ka bamuyite erinnya lyonna lye baagala okumuyita, kale, ekyo kiri gye bali. Naye ekyo ky'ali, mukiraba, mwoyo omubi. Kaakano, ffenna wamu, ffenna tuyimbe wamu kati, *Kkiriza Bukkiriza*, buli omu twegatteko, kati.

> Kkiriza bukkiriza, kkiriza bukkiriza,
> Byonna biyinzika, kkiriza bukkiriza;
> Kkiriza bukkiriza, kkiriza bukkiriza,
> Byonna biyinzika, kkiriza . . .

2 Mukama agenda kukuwonya, mwannyinaze. Leka tusabire omuwala kati nga bwe tukotese emitwe gyaffe.

3 Kitaffe Ow'omuggulu, kirabika nnemeddwa okukiggya mu birowoozo byange. Omuwala omuto oyo, ayolekedde okufa, mwagalwa w'omuntu omu. Kitonde Kyo, naye Ssitaani amunyagako obulamu bwe obukyali obuto. Nsaba mu Linnya lya Kristo oziyize omukono gw'okufa, oziyize omulabe oyo. Ggwe, Mukama, asobola okuleetera Ennyanja Emmyufu okweyawulamu ebisenge erudda n'erudda, n'owa abaana ba Yisiraeli, nga bwe busika Bwo, okusomoka ennyanja mu mirembe ne bayingira ensi ensuubize. Katonda, tukusaba olwa leero oggyewo buli muziziko era osobozese omwana okubeera omulamu. Kyatuweebwa okusaba. Era, nga ekibiina ky'abantu abakukkiririzaamu, tusaba mu Linnya lya Yesu olw'okuwonyezebwa kw'omwana. Amiina.

4 Olwa leero n'omutima ogujjude essanyu nzi—nzigya gye muli nate mu Linnya lya Mukama Yesu. Nnakomawo mangu eka okuva mu Louisiana. Nnalowooza nti oba oli awo ssinga nkomawo nga Ssande tennatuuka nnyinza okubeera ne Ssande sukuulu. Naye ate era n'embeera y'obudde yali ya bbugumu nnyo eri, okutuusa nti twa . . . eno eya wano mpeweevumukko, enkya ya leero bw'ogigeerageranya ku y'omu Louisiana. Temusobola kutuula mu kizimbe nga kino nga temuli kiwujjo na kimu, mu Louisiana, kyandibaddemu ebyuma ebiweweeza empewo ekitali ekyo mwenna mwandiziyidde.

5 Kale nnakomawo nsobole okuwummulamu olunaku lumu oba bbiri nga ssinneeyongerayo kugenda, mu Bukiikakkono bwa Saskatchewan, wiiki eggya, era ekyo kiri waggulu eri

mu Prince Albert. Eyo enguudo gye zikoma mu nsi, okuva ku ludda luli olulala. Okwetoloola eggwanga lyonna nga teri nguudo zonna, era teriiyo kirala kyonna okujjako Abayindi n'Abesikimo be baliyo eyo munda nga oyisizza we tugenda ku mulundi guno. Kale tulina abantu bangi abagenda okubeera mu lukuŋŋaana luno okuva wonna mu Canada. Abamu ku bo bajja kuviira ddala ku Lubalama olw'Ebugwanjuba, bagamba nti, bajja. Era nneetaagira ddala essaala zammwe, Katonda asobole okutusisinkana era atuwe olukuŋŋaana olw'amaanyi, olw'enjawulo, olw'ekitalo ku lw'ekitiibwa Kye. Kyenkana kati giweze emyaka nga ena oba etaano okuva lwe nnasembayo okuba mu Canada. Era nninayo emikwano eyo, nga bantu balungi nnyo.

6 Era nga beesigwa nnyo ku ky'okugenda mu kkanisa. Ne bwe buba bunnyogoga butya, bajja kwesabika bulangiti batuule mu kagaali akakozesebwa mu muzira, bavuge n'embalaasi olugendo lwa mayiro asatu, okugenda ku kkanisa. Bajja kutambula okuyita mu ntuumu z'omuzira na buli kimu kyonna, abato n'abakulu. Bakuŋŋaana wamu bonna mu kibinja. Ab'enju emu ne beegatta ku nju endala ne batandika okutambula, ne bagenda. O—okwerekereza kwe bakola kwe kubaleetera okufunamu ennyo mu lukuŋŋaana. Bwe watabaawo kwerekereza, tewabaawo kya njawulo kya maanyi mu lukuŋŋaana. Oteekwa okugenda n'obaako ky'okola ekiruma ennyo, oteekwa okubaako ne bye weerekereza n'oyimiriza emirimu, n'okukola *kino* oba *kiri,* okusobola okugenda mu kkanisa okulaga Katonda nti omwagala, era n'obaako ne bye weerekereza okusobola okugenda, awo wokka w'osobolera okubaako ne ky'ofunamu.

7 Kiringa abaana bange. Billy Paul, nnalowooza nti ndi...ssaafuna kintu kyonna bwe nnali omuto. Maama yateranga okuleeta oba ali awo akapakiti kamu aka swiiti n'awaako buli omu, obutundu bubiri oba busatu. Mpozzi ku Ssekukkulu twafunangayo akagombe akafuuyibwa ne ka pisito eby'okuzannyisa, oba ekintu bwe kityo. Kati nnalabanga abaana abalala nga balina obugaali bw'oku muzira n'obugaali obw'okusota n'ebintu ebirala, engoye ennungi ne jaketi ezibabugumya. Era na—na, kyandeetera okuwulira obubi ennyo ddala, ne ŋŋamba nti, "Bwe ndifuna abaana abange, ndibakolera buli kimu kye nsobola." Weewaawo, nnali mwetegefu n'okulumwa enjala okusobola okubaako kye nfunira abaana bange. Era bwe nnakula...Billy bwe yali nga akyali mulenzi muto, nnamuguliranga akagaali k'abato ak'emipiira esatu, era nnamuguliranga buli kimu. Ne Meda yagezangako buli kimu, okwefiiriza engoye ze n'ebintu ebirala, okusobola okubaako ne ky'amugulira. Naye omanyi kye twazuula? Nnamugulira akagaali k'abato ak'emipiira esatu, n'omutego n'akasaale eby'abato, na buli kimu. Naye nnamusanganga na—na kijiiko oba n'akati, emmanju, nga aliko w'asima. Mukiraba?

Ne ŋŋamba nti, "Abanaddako tebagenda kubeera bwe batyo." Mukiraba? Bw'omala gawa buwi omuntu buli kintu ky'asaba, takyagala. Kintu ky'olina okwefiiriza okukifuna!

8 Era n'obulokozi bwe butyo bwe buli. Kwefiiriza buli kimu. Bwe buli, Ow'oluganda Roy. Kwe—kwefiiriza kw'olina okukola buli lunaku, okubaako ky'okola oku—okusemeberera Katonda n'okubaako ky'okola. Era nkimanyi nti kwefiiriza gye muli mwenna enkya ya leero, okutuula mu kizimbe kino ekirimu ebbugumu eringi. Nga bwe tutudde wano, leka tukuumire ebirowoozo byaffe ku Ssaddaaka esinga obunene omuntu gye yali aweereddwa okukola, eyo nga yali Yesu Kristo bwe yaweebwa obuvunaanyizibwa obw'okujja ku nsi okufa mu kifo kyaffe. Ssi ekyo kyokka, naye emmeeme Ye yakka e magombe n'ebeerayo okumala ennaku ssatu n'ebiro bisatu, era ku lunaku olw'okusatu n'Azuukira, era kati yalinnya waggulu, atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, mu Ggulu, nga akola okwegayirira ku lw'okwatula kwaffe okw'omutango Gwe n'ekisa Kye ebyatuweebwa.

9 Kati eri mu mambuka . . . mu mambuka eri gye tulaga, wajja kubaayo abantu bangi, abanaku ddala, abanaku ddala, nga kijja kubeetagisa okutundayo emu ku nte zaabwe, bbiri oba ssatu ku ndiga zaabwe, oba ekintu ekimu, okusobola okujja mu lukuŋŋaana. Omw'Esikimo omukadde oba oli awo ajja kujjayo ku maliba ge agatunde, ate ge yeetaaga ennyo ku lw'amaka ge, okusobola okujja. N'omusuubuzi Omuyindi nnansangwa ajja kwetaaga okukola ekintu kye kimu. Kati, tusobola waakiri okusabira abantu abo, tetusobola? Era tusaba nti Katonda abawe ekintu eky'amaanyi.

10 Kati, ebbugumu lingi, ssaagala kubalwisaawo nnyo. Era njagala enkya ya leero tukuumire ebirowoozo byaffe, nga tetunnaba kusabira balwadde, ku *Ekkanisa n'Embeera Yaayo*. Era, kaakano, mpulira nga ennaku ntono eziyise nnaweebwa Obubaka eri ekkanisa bwe nnali mu Shreveport, Louisiana, era nzi—nzikiriza nti bukwata ku mbeera y'ekkanisa. Era tugenda kusisinkana Katonda wamu nabwo enkya ya leero, twegayirire era tusabe Katonda atuyambe. Tuleme kuluubirira kukwata kkubo lye limu, naye tusabe Katonda atuyambe mu nnaku zino ze tulimu. Era nga tetunna . . . Eno ye Bayibuli ey'edda ey'ekitiibwa, naye munda mu yo mulimu ebikwata ku Bulamu Obutaggwawo.

11 Ate mujjukire nti, Ekigambo ye Katonda, Katonda tayawukana na Kigambo Kye. Era naffe tetwawukana na kigambo kyaffe, era bwe tukola . . . Weewaawo, kati, ggwe nange tuli mu nkula ya njawulo . . . ngeri, ffembiriri tusobola—tusobola okugamba nti, "O, nja kukola ekintu gundi," tuba tukitegeeza mu mutima gwaffe, naye wayinza okujjawo embeera ne tutasobola—ne tutasobola kukola ekyo kye twasuubiza okukola. Naye ekyo Katonda tasobola kukikola, kubanga Ye taliiko

kkomo era Amanyi buli kimu, na buli kimu ekyali kibaddewo, n'ekiribaawo, oba . . . N'olwekyo, tasobola kwogera kintu kyonna okujjako nga akimanyi nti Asobola okukituukiriza.

12 Era Ibulayimu, bwe yali nga alina emyaka kikumi, yayita ebintu ebyo ebitaaliwo, nga ebiriwo. Kati bino mbyogera okusobola okuzzaamu amaanyi abo abagenda okusabirwa, abalwadde. Ibulayimu yayita ebintu ebyo ebitaaliwo, nga ebiriwo, nga akkiriza nti Oyo eyali yakola ekisuubizo yali asobola okutuukiriza, oba, okukuuma ekyo kye yali yasuubiza. Kati, Katonda bwe yagamba Ibulayimu, nga wa myaka nkaaga . . . nsanvu mu etaano, nga Saala wa nkaaga mu etaano, nti baali bagenda kuzaala omwana, nga mu butuufu, kyali tekisoboka n'akatono. Naye n'akikkiriza era n'alindirira omwana, era n'akkiriza omwana ddala nga aliwo mu kaseera ako, okumala emyaka abiri mu etaano omwana gye yamala nga tannajja. Era Ibulayimu yali wa myaka kikumi omwana we yazaalirwa, nga Saala wa kyenda, kubanga yamukkiriza. N'ayita ebintu ebyo ebitaaliwo, nga ebiriwo.

13 Kati, ekyo kigenda eri abo abalwadde n'abanyigirizibwa abagenda okusabirwa. Ssi nsonga mitawaana ki gy'olina, oba oli . . . oba olina ndwadde kika ki, oba oli muyi nnyo kwenkana wa, bw'okkiriza Kristo, Ekigambo Kye, awo oyita ebintu ebyo ebiriwo, nga ebitaliiwo, bwe biba nga bikontana n'Ekigambo kya Katonda. Kati, Katonda yagamba nti, "Okusaba okw'okukkiriza kunaawonya omulwadde." Kale, ekyo Katonda bw'aba nga yakyogera, kimala. Kati leka tuteeke ebirowoozo byaffe, n'essuubi lyaffe, tweyise nga ekiwedde okukolebwa. Awo kiba kiwedde bwe tukikkiriza.

14 N'obulokozi buli mu ngeri y'emu. Tubukkiriza, ne tubutwala, ne tubukkiriza mu mutima gwaffe, ne tugenda eri Katonda ne tukkiriza Kristo nga Omulokozi waffe, ne tumukkiriza. Bw'oba nga oli wano enkya ya leero, nga oli mwonoonyi, nga tolokokanga, naye nga wandyagadde okuwonyezebwa, oli mulwadde, sooka onoonye Mukama. Mukkirize nga Omulokozi wo, n'oluvannyuma endwadde eyo ejja kuvaawo. Kyonna kyonna kye kiri, teeka buteesi ebirowoozo byo byonna (ku buli kimu kyonna ky'olina) ku Musajja oyo, Kristo Yesu, ebirala byonna bijja kutereera.

15 Kale kaakano mukuumire ebirowoozo byammwe ku ekyo, kubanga njogedde ebigambo bino ebitono ku lw'abo abalwadde era abanyigirizibwa, kubanga ŋŋenda kwogera enkya ya leero eri ekkanisa n'embeera. Kubanga mpulira nti newankubadde nga okuwonyezebwa okuva eri Katonda kulungi nnyo, naye bwe nnali mu Shreveport, nnalinayo enkuŋŋaana nga ssatu zokka ez'okusabira abalwadde lwe nnaliyo, ssatu, oba nnya, bwe ziba ennyingi, mu nnaku ekkumi n'olumu. Kikulu nnyo okubuulira eri emmeeme z'abantu okusinga okumala obudde obungi ku kuwonyezebwa okuva eri Katonda. Newankubadde, nga abantu

abalwadde n'abali mu bwetaavu, Katonda asobola okubawonya. Era kyakakasibwa dda okwetoloola ensi yonna, nti abawonya. Naye ekintu ekikulu, kati, ye mmeeme eyo etalifa. Omubiri gulifa. Naye emmeeme terifa, era tuteekwa okukuuma omutindo ogwo nga tuteredde ne Katonda.

16 Kino ntera okukyogera. Njagala ntereeze buli kimu, kubanga bwe nndituuka ku mugga ku makya gali, ssaagalayo mutawaana gwonna. Njagala mbeere ne ttiketi yange mu ngalo, nga nnindiridde linnya lyange kuyitibwa. Era njagala njogere, nga Pawulo ow'edda, Ow'oluganda Creech nti, "Mmumanyi mu maanyi ag'okuzuukira Kwe." Kibeere nti bw'alimpita okuva mu bafu, ndivaayo . . . njagala mmutegeere Ye mu maanyi ag'okuzuukira Kwe.

17 Kale, kati, eri Oyo Omuwandiisi w'Ekitabo, leka tukoteke emitwe gyaffe n'emitima gy'Ali mu kaseera katono.

18 Kaakano, Katonda, Kitaffe, tujja gy'Oli mu kiseera kino, okukusaba otubikkulire Ekigambo Kyo. Tuyinza okubikkula emiko gy'empapula, naye Omwoyo Omutukuvu yekka y'asobola okubikkula Ekigambo. N'olwekyo kitubikkulire enkya ya leero, Kitaffe, era otuwe okusukkirira kw'ekisa Kyo. Tukulindiridde. Era leka Omwoyo Omutukuvu ayingire mu Kigambo, era akigabule okuyita mu mimwa egy'obuntu eri emitima gy'abantu, era leka akitwale akiteeke mu buli mutima okusinziira ku bwetaavu bwaffe. Era enkuŋŋaana bwe zinaaba ziwedde, tuli beetegefu okuddayo mu maka gaffe, tujja kukoteka emitwe gyaffe mu buwombeefu tukwebaze era tukutendereze, olwa byonna bye tuyize okuva gy'Oli na byonna by'Otukoledde. Mu Linnya lya Kristo tukisabye. Amiina.

19 Okusoma kw'Ekigambo, mu njiri y'Omut. Yokaana, essuula 1, eri mmwe abalina Bayibuli nga mwandyagadde okusoma awamu nange oba okuwandiika wansi ekitundu kye tusoma. Era tugenda kusoma ekitundu okuva mu Kigambo, era leka tusabe, nti Omwoyo Omutukuvu aggyemu ennyinyonnyola okuva mu Kigambo agituwe. Tusobola okukisoma, ffe abasobola okusoma tusobola okukisoma, wabula Katonda yekka y'asobola okuggyayo ennyinyonnyola. Ekitundu kisobola okusomebwa, kubanga Kigambo Kye, naye ate oku—ennyinyonnyola erina kuweebwa Katonda. Kati, mu njiri y'Omut. Yokaana, essuula 1, era leka tutandikire ku lunyiriri olwa 28 tusome okutuuka ku lwa 32, nalwo.

> *Ebyo byakolerwa . . . ? . . . emitala wa Yoludaani, Yokaana gye yabatirizanga.*
>
> *. . . olunaku olw'okubiri Yokana n'alaba Yesu ng'ajja gy'ali, n'agamba nti, Laba Omwana gw'endiga gwa Katonda, aggyawo* ebibi *by'ensi.*

Era *oyo gwe nnagamba nti, Ennyuma wange ejjayo omuntu ansinga: kubanga ye yali ow'oluberyeberye ku nze.*

Nange ssaamumanya: naye ye. . . *naye asobole* . . . okulabisibwa *eri Isiraeri, kyennava njija nga mbatiza n'amazzi.*

. . . *Yokaana n'ategeeza, ng'agamba nti, nnalaba Omwoyo ng'ava mu ggulu ng'ejjiba, n'abeera ku ye.*

Ekyo njagala kuddamu nkisome, olunyiriri olwo olusembayo, olunyiriri olwa 32.

Yokaana n'ategeeza, ng'agamba nti, nnalaba Omwoyo ng'ava mu ggulu ng'ejjiba, n'abeera ku ye.

20 Kaakano Mukama agatte emikisa Gye ku Kigambo. Njagala mugezeeko o—okufuna buli kigambo bwe tuba tusobola. Mumpulira bulungi emabega eyo? Kale, mumpulira bulungi eyo? Bwe muba nga mumpulira bulungi, muyimuse emikono gyammwe. Ekyo kirungi.

21 Kati, njagala okwogera gye muli enkya ya leero ku—ku lugero, mu ngeri nti—nti n'omuntu yenna wano asingayo obutettanira kkanisa asobole okukitegeera. Kati, tujja mu kkanisa okwongera okuba abalungi okusinga ku bwe tuli. Tujja okwongera okuba abantu abalungi okusinga ku bwe tubadde, Abakristayo abalungi okusinga ku bwe tubadde, abatuuze abalungiko, ba taata abalungiko, ba maama abalungiko, baliraanwa abalungiko. Tujja kubanga Kristo yatugamba nti bwe tunnajjanga, ne tusaba ekintu kyonna mu Linnya Lye, nga tukuŋŋaanye wamu babiri oba basatu, aliba wamu naffe era alikituwa. Kati, kiki ekiyinza okuba eky'amaanyi, ekiyinza okuba ekikulu ennyo gye tuli leero okusinga okumanya nti tuli ku kkanisa okweyongerako obulungi, okugaziya entegeera yaffe? Bameka abasobola okugamba nti, "Eyo ye nsonga eyandeese wano"? Leka tulabe. "Nja—njagala entegeera esingawo." Ate tetu—tetusobola kufuna ntegeera esingawo okujjako nga. . . Era bwe tuba ab'okufuna okutegeera Katonda, kuteekwa kuva mu Kigambo kya Katonda, kubanga Ekigambo Katonda kye yatuwa okuliisa emmeeme zaffe ezirumwa enjala. Era Omwoyo Omutukuvu yatumibwa okuddira Ekigambo kya Katonda atuliise okuyita mu Kigambo. Mukiraba? Mulaba, tu. . . Omwoyo Omutukuvu yatumibwa okuva eri Katonda, okuddira Ekigambo kya Katonda akituwe okusinziira ku bwetaavu bwaffe. Kati, ndi musanyufu nnyo okuba nga Katonda yateekawo obugabirizi bwe butyo. Ggwe toli musanyufu? Asobole okutuliisa.

22 Tuli ndiga ez'omu ddundiro Lye. Tugenda kwogera ku ekyo mu kaseera katono, endiga. Era tuli bantu ba Katonda ab'enkula ey'engeri essatu, era bw'Asobola okutweddiza mu bujjuvu asobola okutukulembera n'okutuluŋŋamya.

23 Kati, kyasanyusa Katonda, nti bwe yatuma Yesu ku nsi, kyamusanyusa okumuwa okukiikirirwa nga ensolo, era ensolo eyo gwali mwana gwa ndiga. Emabega eri mu luberyeberye, mu lusuku Adeni, mu ebyo ebyali bisonga ku kujja kwa Yesu, Katonda yasaddaaka, manya yakikkiriza endiga okubeera ekiwebwayo eky'okukiikirira mu ebyo ebyali bisonga ku kujja kwa Kristo. Kati, bulijjo mbadde nneewuunya lwaki Katonda yalina okuddira ekisolo okukiikirira Kristo, nga ekisolo. Naye tukizuula nti Omwana gw'endiga, ensonga lwaki yalonda mwana gwa ndiga, omwana gw'endiga kye kisolo ekisingayo okuba ekiteefu era kye kisingayo okuba ekikkakkamu mu bitonde byonna ebiri ku nsi. Tewali kintu na kimu kisinga mwana gwa ndiga buteefu na bukkakkamu, tegulina bulabe bwonna, ate tegwemalirira. Te—tegwekulumbaza. Kitonde ekikkakkamu, era ekiteefu. Era Katonda bwe yali agenda okukiikirira Kristo eri ensi, yamukiikirira kuyita mu mwana gwa ndiga.

24 Kati, naye Katonda, Kitaffe Katonda, Yakuwa, bwe yali agenda okwekiikirira okuva mu Ggulu, yakiikirirwa mu kinyonyi ekisingayo okuba ekiteefu, ekiwombeefu mu binyonyi byonna ebibuuka mu bbanga, nga, lye jjiba. Teri kinyonyi kikkakkamu kusinga jjiba. Nnakola okunoonyereza okuwera ku binyonyi ne ku nsolo z'omu ttale, era ejjiba kinyonyi kya njawulo nnyo okuva ku binyonyi ebirala byonna ebibuuka mu bbanga. Ejjiba lya—lya—lya mukwano. Ejjiba likkakkamu. Ate ejjiba teririna kalulwe, lye lyokka mu binyonyi byonna eritalina kalulwe. Eyo ye nsonga lwaki tosobola kulaba jjiba wantu walala wonna okujjako awo awali empeke n'ensigo. Kati, e . . .

25 Mu kyombo, mwalimu ejjiba. Era ejjiba liragibwa mu bifo bingi mu Bayibuli. Ke kabonero k'Omwoyo Omutukuvu. N'omwana gw'endiga gulagibwa mu bifo bingi mu Bayibuli, nga Kristo, mu Kubikkulirwa, n'okuviira ddala mu Luberyeberye, n'ejjiba nalyo bwe lityo.

26 Era mu Kitabo eky'Oluberyeberye, ejjiba lyali mu kyombo, nga litudde ku luwe n'e—n'ebinyonyi ebirala eby'omu bbanga; nga ekimu ku byo yali nnamuŋŋoona, nnamuŋŋoona. Ate nnamuŋŋoona kye kimu ku binyonyi ebisingayo okweyagaliza byokka mu binyonyi byonna, nnamuŋŋoona n'ebbuukamugogo, nzikiriza bye binyonyi ebikyasinze okweyagaliza byokka. Nnamuŋŋoona kinyonyi, ekiwangaala ennyo (bagamba) okumala, oluusi, emyaka bibiri oba bisatu, nnamuŋŋoona gya . . . Enkusu ewangaala okusingako awo.

27 Naye ejjiba kye kisolo manya kye kinyonyi ekitalina kalulwe. Kati, nnamuŋŋoona asobola okutuula wano n'alya ku nnyama y'omutulumbi gw'ekisolo. Toliraba jjiba wali nnyama ya mutulumbi ogwo. Terisobola kugusemberera. Okuwunya kw'ekivundu ky'agwo mu nnyindo zaalyo, terisobola kukugumiikiriza. Kulirwaza. Tegasobola kugumiikiriza kintu

kyonna ekyonoonese, ekivunda. Tegasobola kukigumiikiriza, n'olw'ekyo terisobola kukirya. Ssinga ligeza ne likirya, kiba kijja kuttirawo bunnambiro ejjiba, kubanga ekimulungula emmere eriiriddwa ye asidi ava mu kalulwe n'agenda mu lubuto y'amulungula emmere. Kati bwe watabaawo kalulwe munda eyo kukola kino, awo kiba kijja kutta ejjiba. Kale ejjiba bulijjo ojja kulisanga awo awali ekirongoofu, ekirungi.

28 Kati, nnamuŋŋoona ye wa njawulo. Kati, wekkaanye engeri nnamuŋŋoona gy'ali ekifaananyi ky'omunnanfuusi. Nnamuŋŋoona asobola okutuula wali ku—ku mutulumbi n'alya nga bw'ayagala, oluvannyuma n'abuuka n'agenda mu musiri n'alya eŋŋano, nayo. Naye ejjiba terisobola kulya ŋŋano ate ne libuuka ne ligenda ku mutulumbi.

29 Kati, n'omunnanfuusi, omuntu asobola okubeera munnanfuusi ng'alya byombi ebintu eby'omwoyo, ebintu ebirungi n'ebintu ebibi. Naye Omukristayo owa nnamaddala eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri tasobola kugumiikiriza bintu bikyamu, era alya ku birungi byokka. Kyekkaanye! Bw'olaba omuntu asobola okugenda mu ndongo, nga agenda n'anywa omwenge, agenda n'atambulira mu kibi, n'akomawo mu kkanisa era oba oli awo n'okulekaana n'alekaanira ddala nga omutukuvu, kiba kiki ekyo? Abeera nsega, asobola okulya ebivundu n'ebirungi. Naye Omukristayo owa nnamaddala aba takyasobola kugumiikiriza bintu ebyo, kubanga yasomoka okuva mu kufa okudda mu Bulamu. Era mangu ddala kiba kijja kumulumiriza nnyo ddala, okukirowozaako obulowooza, okutuusa lwe kinaamulumiriza okutuusa lw'anakyuusa amaaso ge n'atambula n'avaawo. O, nga kya kulabirako kirungi!

30 Kati, omwana gw'endiga guba mukkakkamu nnyo. Tegu, tegusobola kweyamba. Tegwemalirira, kubanga tegusobola kweyamba. Gye buvuddeko wano nnali mpitaayita mu ttale bwe nnateranga okulawuna, ne nsanga akaliga, endala zonna zaali zikaleseewo, era kaali konna keezingiridde mu seŋŋenge. Ka bambi nga kagalamidde awo, kavaamu omusaayi nga bwe kakaaba. Ne nsembera ne nnengera engulu, nga kitundu kya mayiro, nga waliyo eggana ddamba ery'endiga. Kati, kandisigadde awo era bannamuŋŋoona bandikatunduddemu amaaso mangu ddala ssinga twali tetukaggyeyo. Naye nnakataggulula, ne nkasitula mu mikono gyange. Tekaagaanako. Kaasigala kakkakkamu. Ne nkasitula mu mikono gyange. Gwe mulundi—mulundi ogwasooka, oba oli awo, omuntu gwe yali akakutteko, naye kaali kakkakkamu. Kaali keewaddeyo okukulemberwa. Kaali keewaddeyo okuyambibwa. Nsuubira mukiraba. Kaali keewaddeyo obutagezaako kuwalira oba kukuba nsambaggere, oba okuluma. Endiga tezikuba nsambaggere, teziruma; zeewombeeka bwewombeesi. Kati akaliga kano, nnakasitula ne nkateeka wamu n'endiga endala. Mu ddakiika ntono nnyo maama waako

n'akalaba, nga kaasanyuka nnyo! Kati, ekyo nga kiragira ddala Omwana gw'endiga gwa Katonda!

31 Omanyi, gye battira endiga, omanyi ekikulembera endiga okugitwala w'enattirwa, mbuzi. Naye embuzi ejja kukulembera endiga okuyita mu madaala egituuse w'egenda okuttirwa, naye, bw'emala okutuusa endiga ku nkomerero y'amadaala, yo nga ebuukayo. Naye, o, bagamba nti, bwe baba bagenda okutta embuzi, esitula olutalo. Okiraba?

32 Era ne ssitaani bw'atyo bw'ajja okukola. Ajja kugezaako okukulembera abaana ba Katonda abatwale mu bintu ebisingayo obubi, naye ekiseera kye eky'okufa bwe kituuka, asitula olutalo. Bw'atyo ssitaani bw'akola. Era eyo ye ngeri y'emu emirundi egimu, omuwala omuto alabika obulungi oba omulenzi ow'akalimi, akutte paketi ya sigala oba eccupa y'omwenge, gy'ayinza okutwalirizaamu omuwala omuto n'amuwabya, endiga y'ekisibo ky'omuntu omu, n'agiwabya. "O, tekiriimu kabi. Temuli makulu mu ebyo ebintuntu eby'ekkanisa." Naye leka okufa kukube omulenzi oyo lumu, ojja kuwulira bw'aleekaana, nga alaajanira eggwanga lyonna. Era bw'atyo ssitaani bw'akola.

33 Naye omwana gw'endiga mukkakkamu nnyo, okutuusa nti gusobola okukulemberwa. Era eyo ye nsonga lwaki Katonda yakiikiriza Kristo Omwana gw'endiga, Ye ne yekiikirira nga Ejjiba. Era ku lunaku Yokaana lwe yabatiza Yesu ku mugga Yoludaani, ekimu ku bintu ebikulu ebyali bibaddewo, kyabaawo kw'olwo awo wennyini. Laba bwe kiri ekirungi! Omwana gw'endiga, ekitonde ekisinga obuteefu mu bitonde byonna eby'okunsi, n'Ejjiba, ekitonde ekisingayo okuba ekiteefu mu binyonyi byonna eby'omu Bbanga. Kati, eyo ye ngeri yokka gye byali bisobola okukwatagana. Ye ngeri yokka Ejjiba gye lyali lisobola okukka ku Mwana gw'endiga. Kati, Ejjiba bwe lyaka wansi, Yokaana yalaba Yesu, n'agamba nti, "Laba Omwana gw'endiga gwa Katonda, aggyawo ebibi by'ensi." Yokaana n'agamba nti, "Ntegeeza nga, nnalaba Omwoyo wa Katonda nga Ejjiba ng'akka, n'abeera ku Ye." Alleruya! Kiikyo awo. Ejjiba n'Omwana gw'endiga nga byegasse wamu. Awo Katonda n'Omuntu lwe baafuuka omu. Awo Eggulu n'ensi lwe byawambatirigana. Alleruya! Awo Katonda we yayambalira omubiri, n'aguleeta, awo Katonda we yakkira okuva mu nkula ey'Omwoyo n'afuuka Omuntu n'abeera mu makkati gaffe. Awo Obutaggwawo bwonna lwe bwawambatirigana. Kw'olwo olulyo olwagwa olw'abantu ba Adamu ne Yakuwa Katonda na buli malayika lwe bajja awamu, Katonda n'omuntu we baafuukira omu, ku lunaku olukulu olwo olw'ebyafaayo Yokaana bwe yabatiza Yesu.

Kati, watya ssinga yali musege? Eddoboozi esseeneekerevu ery'Ejjiba teryandiyinzizza kweriraanya musege.

34 Kintu ki ekirungi ky'oyinza okuwulira mu budde obugenderedde obw'akawungeezi ekisinga ku kuwulira bu kaamukuukulu nga butudde awo bukooka mu ddoboozi esseeneekerevu? Oluvannyuma lw'okufiirwa mukyala wange n'omwana . . . ssaaganya muntu yenna kumanya kye nnali nkola. Nnayingiranga mu mmotoka yange enkadde, ne nvuga ne nsalamu oluguudo wano, ne ŋŋenda ku limbo ya Walnut Ridge, ne ntuula engulu eyo ku mabbali g'omuti ne ntunula wansi ku malaalo. Nnali sisobola kubeerabira. Kyalabika nga kye nnali ssikyasobola kugumira. Ne ndowooza, ku mwana wange omuto, agalamidde omwo, ow'emyezi omunaana. Engeri gye yateranga okufunya obukono bwe nga anjaayaanira, era nnakubanga eŋŋombe oba ne mbaako ne kye mmugamba, awo n'agamba "guu-guu," n'ayanjuluza obukono bwe gyendi. Era nnatuulanga wansi ku mabbali g'omuti, naddala nga buwungedde. Era wabaangawo akayiba akaatuulanga awo mu kasiko, kaatandikanga okukooka mu ddoboozi esseeneekerevu. O, abange! Lumu nneewuunya oba yabeeranga mmeeme etafa ey'omwana wange nga y'ekomawo okugezaako okwogera nange. Tewali kiwulikika bulungi kusinga ddoboozi eryo esseeneekerevu ery'ejjiba. Nga lijjudde okwagala! Lireeta obubaka. Nga lifuba okutabaganya! Golokoka ku makya, ogende eyo mu bisaka okuliraana ne we mbeera, nga gawa emirembe okugawuliriza! Nga gatudde waggulu mu miti egyo eminene emiwanvu, amayiba ago nga gakooka mu maloboozi amaseeneekerevu buli limu eri linnaalyo.

35 Luli, emmanga ew'Ow'oluganda Cox, ejjiba erimu li nnakazadde lyalina obwana obuto bubiri. Era bwali butuulidde ddala waggulu ku ntikko y'ekizimbe, emiyaayu gireme kubukwata. Era ejjiba lino li nnakazadde lyabuliisanga. Kati lyakkanga ne libujjayo ne gambuka waggulu mu muti, ne butuula eyo nga buwaambaatiriganye n'ensingo zaabwo, ne bwogerezeganya mu maloboozi amaseeneekerevu nga buli mu mukwano, olunaku lwonna, obuyiba bubiri obuto, obukkakkamu.

36 Ne ndowooza ku ngeri Katonda, (ejjiba kye kinyonyi ekijjude okwagala) n'Ejjiba, Katonda, ayagala okubeera mu mukwano n'abantu be. Katonda ayagala okwagalibwa. Katonda ayagala okukwagala. "Katonda bwe yayagala ensi, yawaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye afune Obulamu obutaggwaawo." Mukama aweebwe omukisa! Kati Katonda, bwe yayagala okubeera mu mukwano, yalina oku . . . okukola ekintu ekisobola okwagalibwa. Yalina okukola ekintu ekikkakkamu nga Ye. Yalina okukola ekintu ekisobola okwagalibwa. Yalina okukola ekintu ekirina Embala Ye Mwene.

37 Tosobola kwagala kintu kitali kya mbala yo. Okwagala kuteekwa okwegatta n'okwagala. Omwami n'omukyala

bateekwa okwagalana, bwe baba ba kukwatagana. Amaka gateekwa okwagalana, bwe baba ba kukwatagana. Ekintu eky'okwagalibwa! Onoonya buli wamu, okuzuula omuwala ow'okubeera mukyala wo gw'oyagala. N'omukazi anoonya buli wamu, okuzuula omusajja gw'asobola okwagala.

38 Katonda anoonya, nga agezaako okuzuula emmeeme gy'Asobola okwagala. Kale, yekiikirira wano ku nsi nga Ejjiba erikkakkamu n'Omwana gw'endiga omukkakkamu. Ssinga Omwana gw'endiga ogwo omulundi gumu gwagezaako okufuna obutonde bw'omusege oguwuuwuula, Ejjiba eryo lyandibuuse mbagirawo, lyandivuddewo.

39 Naye o—o—omwana gw'endiga, tegwerowooleza nnyo kiri awo. Omwana gw'endiga kye kintu, nti bwe kiba kibuze, kiba kibulidde ddala. Endiga tesobola kuzuula kkubo ligikomyawo. Eyo ye nsonga lwaki embuzi y'egikulembera okugenda okuttibwa. Tesobola kwezuulira kkubo, endiga bw'eba nga ebuze. Eyo ye nsonga lwaki Katonda yatufaananyiriza n'endiga. Bwe tubula, tuba tubuze. Tetusobola kwezaawula. Era waliwo engeri emu yokka ey'okukikolamu, kwe, kugondera Omusumba w'ekisibo, Ye n'atukulembera.

40 Kati, bwe nnali nneetegereza Omwana gw'endiga guno wamu n'endiga . . . Omwana gw'endiga n'Ejjiba, manya, wamu, baafuuka omu. Kati weetegereze engeri Ejjiba gye lyakulembera Omwana gw'endiga, Omwana wa Katonda. Engeri gye yali omukkakkamu, nga akimanyi bulungi nti Yali agenda kuttibwa. Engeri gye yabeeranga omukkakkamu, bulijjo obutagezaako kubaako ky'Akola ku lulwe, obutagezaako kwemalirira. Yagamba nti, "Ssirina kye nkola okutuusa nga Kitange amaze kukindaga, ate Kitange atuula mu Nze."

41 Kati, ekintu ekirala omwana gw'endiga kye guli, omwana gw'endiga mwetegefu okuwaayo eddembe lyagwo. Kati, Katonda ayagala tubeere baana ba ndiga, naye waliwo emirundi mingi nnyo gye tutayagala kuwaayo ddembe lyaffe, kwefiiriza ddembe lyaffe. Bangi ku mmwe mugamba nti, "Naye, nnina eddembe lyange, Ow'oluganda Branham." Ekyo kituufu, naye oli mwetegefu okwefiiriza eddembe lyo? Oli mwetegefu okuwaayo eddembe lyo, Katonda asobole okkukulembera? Ogwo gwe mutawaana n'ekkanisa zaffe leero, mu bantu abasinga obungi, nti obukkakkamu bw'Omwana gw'endiga gwa Katonda . . . Tuteekwa kubeera baana ba ndiga, naye tufuuse buli kimu kyonna okuggyako abaana b'endiga. Era eyo ye nsonga lwaki, mangu ddala nga tufunye endowooza eyo, Ejjiba ly'Omwoyo Omutukuvu libuuka ne ligenda.

42 Ssinga Omwana gw'endiga gwa Katonda ogwo gwawuuwuula omulundi gumu bwe guti nga omusege, oba ne gukola ekintu kyonna ekikontana n'Ejjiba erikkakkamu kye likkiriza, Ejjiba lyandibuuse. Lyandivuddewo mbagirawo.

43 Era eyo ye nsonga lwaki leero twewuunya nti, "Mutawaana ki oguli ku kkanisa y'Abapentekoote?" Ensonga eri nti twambadde obutonde obulala. Twambadde obutonde obwa, "Twagala ddembe lyaffe. Tugenda kukola ekyo kye tumanyi nti kye kituufu." Ne tufuuka ba malala. Ne tufuuka ba bulabe. Ne tufuuka abateefirayo. Ne tuggulira obusungu ne buyingira. Ne tuggulira okweyagaliza ffekka ne kuyingira.

44 Omwana gw'endiga, bwe kituuka ekiseera . . . Ebyooya byagwo, eryo ddembe lyagwo. Ebyooya byagwo, naye baddira omwana gw'endiga ne bagukasuka ku lubaawo kwe zimwerwa, ne bagusiba ebigere. Tegusamba, tegutabuka. Oguggyako buggya eddembe lyagwo mu mirembe, kubanga mwana gwa ndiga. Tegulina kirala kyonna kye gusobola kukola, kubanga obwo bwe butonde bwagwo. Naye lumu tambaala Omukristayo, ojja kukizuula oba nga omuntu oyo mwana gwa ndiga oba mbuzi. Ojja kuzuula kyali, mutaambaaleko lumu. Era eyo ye nsonga lwaki leero amakanisa gaffe gali mu mbeera mwe gali.

45 Tweyita mwana gwa ndiga gwa Katonda. Abakazi n'abasajja, bonna wamu, batandise okweyisa nga buli kintu kyonna okujjako endiga za Katonda. Obatunuulira nga batambula ku luguudo, n'enviiri ennyimpi, enkomole, n'amayengo ag'emisono nga gajjudde mu nviiri zaabwe. Nga emyaka mitono egiyise, wakiyita . . . wa, ba . . . nga ne bw'obasasula ssente tebasobola kukikola. Oluva awo ne mweewuunya lwaki ekkanisa eri mu mbeera eno mw'eri. Kiri lwa kuba mwafuna obutonde bw'omusege oba obw'embuzi, mu kifo ky'okusigala nga muli bateefu abakkakkamu. Ate mugamba nti, "Eryo ddembe lyange, Ow'oluganda Branham." Nkimanyi ddembe lyo. "Ba kinyoozi basala nviiri. Nga bwe guli omulimu gwa kinyoozi okusala enviiri, nze sirina ddembe kusalako zange?" Ekyo kituufu, eryo ddembe lyo nga Omumerika. Naye oli mwetegefu okulyefiiriza, okubeera omwana gw'endiga? Oli mwetegefu okwewaayo?

46 Ate mmwe abakazi, ebbanga ssi ddene gye buvuddeko, mwatambulanga ku luguudo . . . Kikwasa nnyo ensonyi okulaba engeri abakazi gye bambalamu ennaku zino. Ate kati ssoogera ku Bapulesibiteriyani n'Abamesodisiti, njogera ku mmwe abakazi abakkiririza mu butukuvu. Mugenda ku luguudo, ate ki . . .

47 Nnalina omusaalaba omutono nga gulengejjera waggulu mu maaso mu mmotoka yange, omuntu omu n'aŋŋamba, n'agamba nti, "Billy, okimanyi nti ako kabonero k'Abakatuliki?"

48 Ne ŋŋamba nti, "Abakatuliki baafuna ddi obwannannyini ku musaalaba?" Tekisoboka! Ako ssi kabonero ka nzikiriza y'Abakatuliki; ako kabonero ka nzikiriza y'Abakristayo. Enzikiriza ey'Ekikatuliki kwe kukkiririza mu mutukuvu eyafa, mu Malyamu oba—oba omuntu omu eyafa gwe basinza.

Tetusinza bafu. Tetusinza Sesiriya Omutuukirivu yadde abatukuvu abalala abo bonna. Obwo Bukatuliki, nga ye nkola eya waggulu ennyo ey'okusamira. Naye omusaalaba gukiikirira Oyo eyafa n'azuukira.

49 Ne ŋŋamba nti, "Ogwo nnaguteeka awo, kibeere nti nga bwe ntunula ku nguudo. Emyaka abiri mu etaano egiyise, oba asatu, lwe nnabulako katono okuziba amaaso, nnasuubiza Katonda nti ssinga awonya amaaso gange nja kutunuuliranga ebintu ebisaanidde byokka." Ne ŋŋamba nti, "Buli w'otunula wonna, butali butuukirivu bwereere, abakazi abambadde enkunamyo, n'abakazi abali obukunya nga bagalamidde mu bifo by'olukale na buli wamu wonna. Ntunula ku musaalaba mu kifo ky'okutunula (ne nzijukira Kristo kye yankolera, ne nkyusa omutwe gwange) okuva ku bintu bya ssitaani." Alleruya!

50 Ate abo be bantu...Temugamba nti abo "Bapulesibiteriyani, Bakatuliki," abo Bapentekoote! Amiina. Ogamba nti, "Nnina eddembe okukikola, Ow'oluganda Branham." Ekyo kituufu, naye ssinga obadde mwana gwa ndiga, wandyefiirizza eddembe lyo. Ate bw'otandika okweyisa bw'otyo, Omwoyo Omutukuvu, Ejjiba erikkakkamu, abuuka n'Avaawo. Tajja kuswaazibwa wamu naawe. Nedda, nedda, nedda. Tokirowoozangako nti ojja kweyisa bw'otyo ate osigaze Omwoyo Omutukuvu. Tosobola kukikola! Bayibuli bw'egamba. Oteekwa okwefiiriza e...Kati, ogamba nti, "Ndaba n'abakazi abalala bakikola."

51 Ate ggwe omusajja, ggwe musajja wattu, atalina nkizi, atalina mbavu, omutiitiizi, ggwe, akkiriza mukyala wo n'akola ekintu bwe kityo, ekyo kiraga kiki ky'oli. Eyo ye nsonga lwaki tolina na Mwoyo Mutukuvu gw'ogamba nti olina, ssinga kibadde bwe kityo wandibaddeko n'Eky'enjawulo ekimala ku ggwe okumuleetera okweyisa nga omukyala ebbanga lyonna ly'abeera naawe, mu buli ngeri. Amiina. Ekyo kiwulikika nga okusalaasala kuli, okw'enkola enkadde. Naye ekyo ekkanisa kye yetaaga leero, kwe kunaazibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, kuli okw'enkola enkadde, n'okwanikibwa wabweru okukala, n'okugololwa, Omwoyo Omutukuvu. Ddala!

52 Nga mbeera mbi nnyo ensi mw'etuuse! Engeri gye bagenda ku nguudo ne beeyisa nga beejeeguula! Engeri gy'okalambaliza omutwe ku terevizoni ku Lwokusatu ekiro, n'ogaana okugenda ku kkanisa! Engeri gy'o...Lwaki, tewali yadde mwana n'omu mu ggwanga lyonna...bonna bamanyi David Crockett y'ani. N'obulimba obwo obukyafu, obw'okugamba mbu y'atta eddubu nga wa myaka esatu, mukimanyi nti obwo bulimba, naye muleka emitwe gy'abaana bammwe ne gijjuzibwa n'ebyo. Naye nga tewali yadde n'omu ku kikumi okuva mu baana kikumi alina ky'amanyi ku Yesu Kristo. Ensonga eri nti ensi eno eyonoonese nnyo! Eggwanga lino, liweddemu nnyo ensa era liri wala okuva awali Katonda, lyagaana Omwoyo Omutukuvu.

53 O, ogamba nti, "ŋŋenda ku kkanisa ne ndeekaana." Oyinza okukikola. Naye, okutuusa nga Omwana gw'endiga gwa Katonda omukkakkamu gutebenkedde mu mutima gwo, ne gukuleetera okulongoosa obulamu bwo n'okweyisa nga omuntu ow'enjawulo, tekijja kukugasa n'akatono okugeegeenya Obukristayo. Oteekwa okumufuna. Amiina.

54 Nnagenda mu nnyumba wano ebbanga ssi ddene eriyise, okukyalira omusajja omulwadde, era omukazi yali awo, nga atudde awo. Ne wajja Oswald omuto n'ayingira, n'enkofiira ku ludda olumu olw'omutwe gwe, n'agamba nti, "Maama, eky'eggulo kiyidde?"

55 Maama n'agamba nti, "Mukwano, tetwafunye budde," n'agamba nti, "enkya ya leero, okutegeka eky'eggulo." N'agamba nti, "Nkutegekera mugaati gwa sandiwiici," n'agamba nti, "naye waliwo ku micungwa."

56 N'ayitawo n'atoolawo omucungwa, n'agutunuulira, n'agulumako, n'agukasuka ku kisenge n'amaanyi nga bw'asobola, ne guttulukukamu omubisi, n'agamba nti, "Bwe kiba nga ky'ekyo kyokka kye mulina wano, ŋŋenze," bw'atyo.

57 Ne ndowoozamu nti, "Ai Katonda, ssinga abeerako owange okumala eddakiika nga ttaano!" Nkubuulira, nnandimususumbuddeko eddiba n'atategeera na kutegeera nti limuvuddeko! Naye baatuula butuuzi awo, ne basaasira ne babiibiita. Kye yeetaaga kwe kususumbulwako eddiba kuli okw'enkola enkadde. Ekyo kye twetaaga, amaka ag'enkola enkadde nate, n'ababuulizi abanaayimirira emabega w'ekituuti ne babuulira Amazima, ne bagateeka we gagwanira okubeera. Amiina. Ekyo kituufu. O, abaffe!

58 Ka Mary akato ne kasambirira obugere, ne kakikinaza waggulu akayindo kaako n'obumwa obusiigiddwa (n'eby'okwewunda bya Max Factor), ne kawanika akatwe kaako waggulu ne kafuluma ennyumba. Nga kivve nnyo! Engeri abaana gye bafuuse abajeemu! Bayibuli egamba nti bwe batyo bwe baliba. Ekyawandiikibwa kigamba bwe baliba. Engeri gye balyeyisa, bye balikola, n'ebintu ebigenda mu maaso mu nsi leero, biriwo lwa kuba baanakuwaaza Omwoyo Omutukuvu n'avaawo.

59 Emyaka mitono egiyise. Nja kuba ŋŋenda kati, mu nnaku ntono, okujaguza okukka kw'Omwoyo Omutukuvu okwasooka mu Amerika, emyaka ataano egiyise omwaka guno, mu lukuŋŋaana olw'edda olwali ku Luguudo lwa Azusa, mu lukuŋŋaana lwa pentekoote mu Los Angeles, gye baafuna okukka kw'Omwoyo Omutukuvu okwasooka, abantu bwe baakuŋŋaana awamu. Kristo bwe yakka wansi mu makkati g'abantu abo, baali bakkakkamu ddala, nga ba mirembe ddala. Baali batambulira mu bulamu obw'okutya Katonda. Baali batambulira mu bulamu obw'okwewaayo. Baali beetegefu

okwerekereza. Baali beetegefu okukulemberwa Omwoyo Omutukuvu. Tebaafaayo ku kiki abantu kye baali boogera, mbu baali ba "nkola nkadde," oba baagamba nti baali "balalu" oba kyonna kye baaboogerako, baali beetegefu okukulemberwa Omwoyo Omutukuvu.

60 Naye, leero, o, abaffe, nga balina ka ppamba akakozesebwa okwesiiga pawuda n'akabokisi k'eby'okwewunda, nga bambadde n'empale ennyimpi, nga bali bweru ku nguudo, nga, kivve nnyo! Ate ne beeyita, "abalina Omwoyo Omutukuvu." O, ogamba nti, "Naye nnayogera mu nnimi." Yee, ne ssitaani azoogera, naye. "O, nnaleekaana." Ne ssitaani aleekaana, naye. Ssitaani asobola okugeegeenya buli kintu kyonna Katonda ky'alina, okujjako okwagala, era tasobola kugeegeenya kwagala. Weewaawo.

61 Kati, ekisooka omanyi, bwe watandika okukola ebintu ebyo, waddiriza omutindo, n'otandika okwekkiriranya, awo ekkanisa n'etandika okujjamu obutategeeragana, n'obubondobondo mu makkati gaabwe, ono n'agamba nti, "Ndaba, ne musumba ali *kino*" oba "n'omudiikoni ali *kino*." Era, ogenda okwesanga, nga owulirizza ebintu nga ebyo! Era eyo ye nsonga lwaki tubadde n'emitawaana mingi nnyo, lwakuba watandika okuwuliriza ssitaani, n'ofuna okuwuuwuula mu kifo ky'okuwuliriza Ejjiba erikkakkamu, Omwoyo Omutukuvu, Ejjiba lya Katonda eryandikukulembedde ne likuluŋŋamya, ne likwagala ne likuwa omukisa.

62 Omulundi ogusooka lw'ofuna okubuubuuka okwo okw'obusungu, nga Ejjiba libuuka nga livaawo. Ekyo kituufu. Terisobola kukigumiikiriza. Obutonde bwalyo bwa njawulo. O, terisobola kukigumiikiriza n'akatono. N'otandika okwogera ku muliraanwa wo, terisobola kukigumiikiriza ekyo, terijja kukigumira. Abuuka bubuusi n'agenda. Aba takyasobola kukigumiikiriza. Ejjiba likkakkamu. Ejjiba tteefu, era Ejjiba, ate—ate terisobola kuyimirira ku kintu kyonna okujjako nga kya butonde bwe bumu n'obwalyo.

63 Kati, Katonda asobola okukufuula ow'obutonde obw'enjawulo, omusajja oba omukazi, asobola okukuwa obutonde obw'enjawulo. Kati mugamba nti, "Kati, Ow'oluganda Branham, tukole ki?" Ddamu obeere mwana gwa ndiga. Ebisolo biri bibiri byokka ebisobola okukolagana, lye jjiba n'omwana gw'endiga. Ejjiba terisobola kukka ku kintu kirala kyonna okujjako omwana gw'endiga. Era bw'oba nga wafuuka mbuzi, kati weggyeemu omwoyo gw'embuzi ogwo omubi. Ekyo kituufu. Bw'oba nga wafuuka ekintu ekirala kyonna, kyeggyeemu, bw'oba wafuuka kalirugambo.

64 Juuzi wano, nnabuulira ne nnenya nnyo nga bwe nsobola mu kibuga ekimu, era waaliwo enkumi n'enkumi z'abantu. Ne mpita abaagala okujja ku wolutaali. Nnalowooza nti

njogedde ku buli kika kya kibi, nnayogera ku buli kimu kye nnali nsobola okulowozaako. Ekiro ekyo oluvannyuma lw'olukuŋŋaana, omukyala eyeemanyi n'ajja, n'agamba nti, "Kale, Ow'oluganda Branham, ndi musanyufu nnyo okubeera nti tewankonyeko ekiro kya leero nga obuulira."

Ne ndowooza nti, "Ono ateekwa okuba nga Mukristayo ddala." N'agamba nti, "Tewankonyeko ekiro kya leero nga obuulira."

65 Ne ŋŋamba nti, "Weewaawo, ndi musanyufu okukiwulira, nnyabo, oteekwa okuba nga osemberedde Obwakabaka bwa Katonda." Ne yeemulula n'avaawo.

66 Omukyala omukadde yali ayimiridde awo. Ne ŋŋamba nti, "Mbuulira, omukazi oyo omumanyi?"

"Yee."

Ne ŋŋamba nti, "Ateekwa okuba nga Mukristayo wa nnamaddala."

67 N'agamba nti, "Ekintu kiri kimu kyokka ky'otakubye ekiro kya leero, Ow'oluganda Branham, lwe lugambo. Ye kali lugambo omukulu mu ggwanga." Kiikyo, ky'ekyo, mukiraba.

68 Naye bwe kituuka ku bimu ku bintu ebyo, ssi nsonga oba omubuulizi abinenya ku kituuti oba nedda, bw'olaba ebintu ebyo eby'omubiri eby'ensi, kasita oba nga wekkiriranya nabyo, obeera oli wala okuva ku Katonda, n'Omwoyo Omutukuvu ajja kukwewala. Eyo ye nsonga lwaki enkuŋŋaana teziri nga bwe zaateranga okuba. Eyo ye nsonga lwaki tewaliiwo kukuluumulukuka kwa boonoonyi abajja okukkiriza obulokozi mu kkuŋŋaaniro enkya ya leero. Eyo ye nsonga lwaki enkuŋŋaana ez'amaanyi ez'okusiisira tezikyaliwo mu ggwanga, ensonga eri nti twanakuwaza ne tugoba Ejjiba lya Katonda erikkakkamu. Kituufu. Tagenda kusigala wamu naffe nga tetwefiirayo, nga tugeya, "Twagala ebintu bikolebwe mu ngeri yaffe!"

69 Kati, njagala mwetegereze, Omwana gw'endiga gwali Mwana gwa ndiga omusirise. Bayibuli egamba nti, "Teyayasamya kamwa Ke. Nga endiga mu maaso g'abagisalako ebyoya, yasirika." Teyayasamya kamwa Ke. Teyali muntu alwanirira eddembe lye. Nedda, ssebo, yali mwetegefu okwefiiriza eddembe Lye. Yali Mwana gw'endiga omusirise.

70 Naye, leero, o, abaffe, nga twagala nnyo enjawukana zaffe! O, abaffe! "Nkutegeeza, leka wabeewo aŋŋambako ekintu kyonna, nja kumulumba mmwambalire, nkubuulira, nja kumuyuzaayuuza." "Nja kulangira munnanfuusi oyo we mmulabirako wonna! Ggwe linda mmulabeko! Katonda aweebwe omukisa, alleruya! Uh-huh!" Ejjiba libuuka bubuusi ne ligenda. Kituufu. Omwoyo Omutukuvu aba takyali naawe, kasita owulira bw'otyo. Ekyo kiwandiike mu kitabo kyo,

talikikola. Omwoyo Omutukuvu tasobola kubeera wali mwoyo gwa kikula ekyo. Guteekwa kuba Mwoyo gwa mwana gwa ndiga, omwoyo omukkakkamu, bwe kitaba ekyo tasobola kubeera we guli, bwe kityo bwe kiba; bwe gutaba mwoyo omukkakkamu, omuteefu, ogukulemberwa Omwoyo Omutukuvu. Era bwe wabaawo ensonga yonna esituka, terigifanako, livaawo buvi. Mukiraba? Era akaseera kennyini we liviirawo, okimanyi, nti ke kaseera ke kamu . . . lwe wakyamako ku mabbali.

71 Mukimanyi nti, ekibi ekyasookera ddala kyatandikira ku muntu kukyamako katono. Ekyo mubadde mukimanyi? Bayibuli bw'egamba. Kaawa yakyamako katono, okuwuliriza Ssitaani bye yali agamba, n'amulaga ekifaananyi ekirungi ennyo n'okutuusa lwe yalowooza nti ddala gaali Mazima. N'amuwuliriza.

72 Era ekintu kyokka ssitaani ky'ayagala okole, kwe kukyamako ebbali mu ddakiika ntono. Asobola okukulaga ekifaananyi, n'agamba nti, "Kati, labayo. Omanyi, ow'oluganda, omanyi, mwannyinaze, ssinga be babadde abatuufu, tebaalikoze *kino*. Bwe baba basobodde okukola *kino* wano wennyini, omanyi." Asobola okukifuula nga ekiriwo ddala okutuusa lwe kifuuka amazima gennyini. Ekyo kituufu! Naye jjukira nti, oyo aba ssitaani!

73 Ssifaayo oba boonoonefu kwenkana wa, oba bebbise nnyo mu kibi kwenkana wa, buvunaanyizibwa bwo okubawambaatira n'obayimusa olw'okwagala kwa Katonda. Wali ludda wa Ejjiba lya Katonda bwe ly'akujja mu ttosi? Buvunaanyizibwa bwo, mukwano gwange. Ensi eno eyaayaanira okwagalibwa. E . . .

74 Njagala mwetegereze ensolo eno, nayo, ensolo eno ento, yali mwana gwa ndiga omusirifu kubanga teya . . . bwe yavumibwa, teyazzayo bivumo. Teyavuma yadde okutabuka, na kuganŋŋamuka na kubuubuuka n'okweyisa atyo, teyakikola. Omuntu bwe . . . Bwe yavumibwa, teyazzayo bivumo. Teyayasamya kamwa Ke.

75 Naye ggwe leka wabeewo akukola ekintu kyonna oba akikole nze, o, abaffe, tubaluka nga ekikere ekimize essasi ly'akabundu akayigga, ne tuwaga nga—nga embaata enkulu. "Nkubuulira kati, n'amala addamu n'anninnya ku bugere bw'atyo, ssiriddayo mu kkanisa eyo. Nedda, ssebo! Katonda aweebwe omukisa! Alleruya! Abanazaleeni bajja kunsembeza, aba Pilgrim Holiness, bajja kunnyaniriza. Alleruya. Sseetaga kuddamu kukikola." Kale, Ejjiba nga libuuka.

76 "Nkubuulire? Munnanfuusi oyo bw'aba asabira mu kkanisa eyo, ssirigiddamu. Katonda aweebwe omukisa, Ssirikikola!" Ekyo bwe kikutuukako, omusege ogwo oguwuuwuula, Ejjiba nga libuuka. Mazima. Awo Omwoyo Omutukuvu aba agenze.

77 Bw'ova awo ne weewuunya mutawaana ki ogukuliko. Ne weewuunya mutawaana ki oguli mu kkanisa. Ne weewuunya

mutawaana ki ogukuliko. Lwaki tokyalina buwanguzi nga bwe wabanga nabwo? Wakyusa obutonde bwo. Wafuuka mbuzi mu kifo ky'okubeera omwana gw'endiga. Wafuuka kintu kirala nnyo ekitali mwana gwa ndiga.

78 Oteekwa okufuna Omwoyo ogwo omuteefu ddala ogugamba nti, "Omwoyo Omutukuvu leka ankulembere yonna. Katonda, njagala buli mwonoonyi, ssi nsonga wa gy'ali." Ekintu bwe kityo bwe kituula mu mutima gw'omuntu, awo oba ogenda kulaba ekibaawo, eri emmeeme yo.

79 Ogamba nti, "Kati, Ow'oluganda Branham, waliwo kyonna ekiyinza okugonjoola embeera eyo?" Yee, ggwe fuuka bufuusi mwana gwa ndiga, ky'ekyo kyokka. Ogamba nti, "Kale, Ow'oluganda Branham!"

80 Nnasisinkana omuwala jjuuzi, eri mu Shreveport. Billy nange twagenda mu kafo akamu okufuna omugaati gwa sandiwiici oluvannyuma lw'olukuŋŋaana. Omukyala omubalagavu omuto n'ayingira, nga muwala muto, ndowooza nga wa myaka nga abiri oba bwe gityo awo, nga ayambadde bulungi. N'atuula. Nnamwetegereza nga yabeeranga atunula oludda luli. Nze nnasigala ndya. Oluvannyuma lw'eddakiika ntono ne wabaawo omukyala ayingira. N'agamba nti, "Oli otya?" N'ayogera naye. Era mmanyi nti omukyala oyo yali Mwanyinaffe Davis ow'eyo. Era yali n'omukyala omulala okuva mu kkanisa eya Life Tabernacle, nnali mbamanyi bulungi nnyo, n'ajja n'ayogera nange, n'agenda. Kati omuwala oli omuto eyali atudde ku luuyi luli, n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, obwo bubadde Bubaka bulungi nnyo ddala ekiro kya leero."

81 Ne ŋŋamba nti, "Oli otya, mwanyinnaze?" N'agamba nti, "Webale nnyo, webalire ddala." Ne ŋŋamba nti, "Ova mu kkanisa ya Life Tabernacle?"

82 N'agamba nti, "Mwe nva." N'agamba nti, "Omanyi, Ow'oluganda Branham, nnandyagadde okuyimba mu kkwaya, naye baateekawo akakwakkulizo." N'agamba nti, "Nnafuna, o, emyaka mingi nnyo egy'okutendekebwa mu maloboozi, na buli kimu." N'agamba nti, "Nnayimbako nzekka ne nnyimba n'ebintu eby'enjawulo." N'agamba nti, "Naye, ssa—ssaasobodde kuyimba, kubanga balina—balina akakwakkulizo akagamba nti 'tewali mukazi yeesize langi akkirizibwa kuyimba—kuyimba mu kkwaya.'"

Ne ŋŋamba nti, "Weewaawo, Katonda atenderezebwe ku lw'ekkanisa ya Life Tabernacle!"

83 N'agamba nti, "Kale, ka nkubuulire, Ow'oluganda Branham," n'agamba nti, "ndi Mukristayo."

84 Ne ŋŋamba nti, "Kati nno, mwannyinaze, ddayo eka onaabe mu maaso, oba kyonna ky'onaakola." Ne ŋŋamba nti, "Ky'ogezaako okuŋŋamba nti osobola okuganya ekintu ekitono ennyo nga eky'okwesiiga ebintu ebyo mu maaso . . . "

85 Era nsobola okukukakasa nti ebyo biva wa ssitaani. Nsobola okukukakasa nti tewali kintu n'ekimu mu...Bisibuka mu bakaafiiri. Kasita oba nga obyesiiga, kabonero ka mukaafiiri. Kati, nnaakakomawo okuva mu Afirika, era nnatukaako mu bibira ebya ba Kotentooti ne ntegeera wa empeta ez'omu matu, n'ebintu ebyo byonna gye byava, na bino byonna, eby'okwewunda ebingi ebiri mu bulago bwammwe ne mu matu na buli kimu kyonna, gye byava. Bya bakaafiiri. Ate Bayibuli teyagala Mukristayo kubeera mukaafiiri. Naawe toyagala... ssigamba nti oli mukaafiiri olw'okuba obikola, naye weereetera okumufaanana. Ensonga eri nti omusumba wo teyakubuulira Mazima. Bayibuli bw'etyo bw'egamba.

86 Era kati ogamba nti, "Ow'oluganda Branham, ndaba nga bwe mbeera n'enviiri ennyimpi, zindabisa bulungi bw'entyo." Ekyo kituufu, naye ssinga obadde n'enviiri empanvu wandibadde olabika bulungi nnyo n'okusingawo. Zandikugudde ku nsingo, n'ozisibako n'ozitereeza.

87 Kubanga, mumanyi Bayibuli bw'egamba? Nti, omusajja akkirizibwa okugoba mukyala we n'ayawukana naye bw'asala enviiri ze. Bw'asala enviiri ze, kiba kiraga nti ssi mwesigwa gy'ali. Bayibuli bw'egamba, Abakkolinso Ekisooka 12, kebera olabe oba nga ssi kituufu. Oyo aya...Omukazi asalako enviiri ze aswaza omutwe gwe, nga ye bba. Era bw'aba amuswaza, asaanidde okugobebwa n'okumwawukanako. Ky'ekyo. Naye, mulaba, omusumba tababuulira bintu ebyo. Era eyo ye nsonga lwaki mweyisa nga bwe mweyisa. Ate—ate omusajja, Bayibuli egamba...

88 Juuzi wano ebbanga ssi ddene waaliwo eyawandiika n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, bu—bulawuzi zino abakazi ze bagula," n'agamba nti, "nga, ndaba ki...kati kizibu n'okusanga bulawuzi, kati kitugwanidde ffe abakazi Abakristayo okwambala zino zi dakulooni, nayirooni, oba ebintu nga ebyo?"

89 Ne ŋŋamba nti, "Labayo, mwannyinaze, waliwo ensonga emu ku ekyo. Eky'amazima kiikino. Osobola okukola bw'oti: bw'oba nga tosobola kugigula, batunda ebyalaani, osobola okugyetungira." Ne ŋŋamba nti, "Ekyo kituufu. Kisobole okufaananira ddala..." Nzikiriza...Omanyi, ekiri munda mu mutima gwo kye kirabisibwa. Engeri gy'okolamu ebintu n'engeri gye weeyisa, y'eraga ekiri munda mu ggwe.

90 Eyo ye nsonga lwaki waliwo okuwuuwuula kuno kwonna n'okubuubuuka n'okugeya, n'o—n'okugeyaŋŋana, n'okweyisa mu ngeri bw'etyo mu kkanisa, ebyo bye byabuluzaamu ekkanisa. Ekyo kiraga nti ssitaani yakuyingiramu, era kiraga nti Omwoyo Omutukuvu yakuvaako. Kati, nkimanyi nti ekyo abamu ku mmwe muwulira nga kibookya munda, naye kisaanidde okukikola. Kisaanidde! Eyo ye nsonga lwaki

kyogeddwa; ssi kulaga kumanya nnyo, ssi lwa kweraga; naye kubalaga wa omutawaana we guli, kubanga lumu ndiyimirira okubaanukulira. N'ensonga yennyini lwaki mweyisa nga bwe mweyisa era ne mukola bye mukola, ekyo kiraga kiki kye muli. Bw'ofuna obusungu obwo obubi obubuubuuka mu kaseera katono nnyo ddala, n'ofuluma ne wecwacwana, oba n'okolokota, oba n'oyogera eby'obuwemu n'ebintu nga ebyo, ekyo kiraga wa gye biva.

91 Kati waliwo eky'okukola kimu, weggyeemu ekintu ekyo, Ejjiba lijja kukomawo mu mutima gwo. Ejjiba bwe lyafuluma mu kyombo, lyali liteereddwa. Naye lyakomawo ne likonkona ku luggi lw'ekyombo okutuusa Nuuwa lwe yaliggulira ne liyingira. [Ow'oluganda Branham yakonkona ku kituuti—Omuk.] Omwoyo Omutukuvu ali wano. Omwoyo Omutukuvu ayagala kuyingira. Eyo ye nsonga leero, Omwoyo Omutukuvu, teyakuviirako ddala butadda. Alina w'atudde ku matabi g'emiti, nga mwetegefu okubuuka akomewo okudda mu ggwe, akuwe okwagala n'emirembe n'essanyu bye walina. Mazima, mwetegefu. Mwetegefu okukikola. Ayagala okukikola. Ayaayaana okukikola. Naye ggwe atamuganya kukikola!

92 Kati, ssoogera eri mmwe abagenyi. Ssimanyi kiki omusumba wo kya. . . Njogera eri Ekkuŋŋaaniro lya Branham. Ssigamba mmwe abava mu makanisa amalala. Ŋŋamba Ekkuŋŋaaniro lya Branham. Ogwo gwe mutawaana gwe tulina wano.

93 Ekyo kye kireetera Ejjiba okubuuka ne ligenda. Leka wabeewo omuntu abaako n'akantu akatono k'atandikawo mu kkanisa, era ogenda okuwulira nti, "O, bwe kityo bwe kiri? O, ya. . .? Toba nga ky'otegeeza?" Mu kaseera ako kennyini Omwoyo Omutukuvu abuuka, n'avaawo. Tasobola kugumiikiriza mwoyo gwa kikula nga ekyo. Kasita obutonde bw'endiga obwo bukuvaako, n'Omwoyo Omutukuvu nga agenze. Ekyo kituufu. Era ogwo gwe mutawaana leero. Eyo ye nsonga lwaki abantu bali mu mbeera mwe bali, kubanga baaganya omwoyo omukyamu ne guyingira mu mitima gyabwe, mu bulamu bwabwe. Kati ogwo gwe mutawaana gwe tulina. . .

94 Bayibuli egamba nti eyo ye nsonga lwaki waliwo bangi abalwadde n'abanyigirizibwa mu makkati gaffe, lwa bintu nga ebyo. Tuteekwa kubeera bakkakkamu. Tuteekwa kubeera ba mirembe. Tuteekwa kubeera mwana gwa ndiga, Ejjiba lisobole okubeera naffe.

95 Kati, jjukira nti, Ejjiba lijja kujja. Yagamba nti, "O, Ow'oluganda Branham, togezaako kuŋŋamba nti ssifunanga Mwoyo Mutukuvu. Alleruya! Emmanga, mu kiro eri lumu ekiro, o, bwe yajja mu nze, nnasobola okutambula. . . " Mazima, oyo yali Ye! "O, nnawulira bulungi nnyo, nnawulira nga njagala nkwate buli kanyonyi akaali mu muti nkawambaatire nkalage okwagala. Omuntu asingayo obubi ng'alina kye yali ankoze,

nnawulira nga nsobola okumuwambaatira mu mikono gyange. O, Ow'oluganda Branham, nga nnawulira bulungi!" Mazima, oyo yali Mwoyo Mutukuvu.

96 Naye, olaba, ensonga lwaki teyasobola kusigalawo. Wali ndiga mu kaseera kali; naye bwe wafuuka omusege, yalina okubuuka aveewo. Tewali buzibu bwonna ku—ku—ku Jjiba; wabula buli ku ggwe, ate e. . . ggwe waganya omwoyo ogwo okukuyingiramu. "Nnaguganya, Ow'oluganda Branham?" Yee, lwe watandika okuwuliriza olugambo luli, lwe wawuliriza obulimba buli, lwe watandika okugamba nti, "Ndaba, ddembe lyange!"

97 Tolina ddembe lyonna! Wagulibwa na muwendo, omuwendo ogwo gwe gwali Omusaayi ogw'omuwendo ogw'Omwana wa Katonda. Tolina ddembe liryo ku bubwo. Alleruya! Eddembe lyokka ly'olina, kwe, kujja eri Ensulo ejjudde Omusaayi ogukulukuta okuva mu Misuwa gya Emmanweri, aboonoonyi bwe baagwebbikamu, banaazibwako ebbala lyonna ery'ebibi byabwe. Yee, ssebo. Eryo lye ddembe lyokka ly'olina, kwe kuweerayo ddala emputtu yo, eri Katonda, awo Katonda n'aba nga y'akulembera okuva awo okweyongerayo. Ekyo ky'ekireetera enkuŋŋaana. . . Ekyo kye kivaako ebintu bingi nnyo ebitategeerekeka. Omwoyo Omutukuvu ajja kugenda mu kitundu, Omwoyo Omutukuvu yagamba nti, "Kino ssi kye kituufu. Yimiriza olukuŋŋaana, weeyongereyo emitala." Nja kuluyimiriza, nange, ow'oluganda, ŋŋende nneeyongereyo. Ky'ekyo, kubanga oteekwa kukulemberwa Omwoyo wa Katonda. Era engeri yokka ey'okukulemberwa Omwoyo wa Katonda, kwe kusigala nga oli mukkakkamu, sso ssi kuba nga ggwe amanyi buli kimu.

98 "O," n'olowooza nti, "Mmanyi bingi nnyo." Weewaawo, obwongo obutabula ne butuuka n'okuba nga tebukyasobola kukola. Omanyi ebitabo byonna n'eby'okuddamu byonna, n'Oluyonaani lwonna n'Olwebbulaniya lwonna, n'okutuusa nti tolinaawo na kifo Ejjiba we lisobola okuwummulira. Ky'ekyo. Naye omanyi byonna, awo Ejjiba liba terisobola kukulembera, kubanga omanyi nnyo.

99 Omwana gw'endiga tegweyogerako nti gulina kye gumanyi. Guteekwa okuba n'omuntu omulala agukulembera. Kitiibwa! Ky'ekyo. Tewali kye gumanyi! Amiina. Ekintu kyokka kye mmanyi, kiri nti, Kristo Yesu yafa okundokola.

100 Emmanga eri mu California waaliwo omusajja eyajja, ng'alina akabonero ke yeetimbye mu kifuba, nga kagamba nti, "Ndi musirusiru wa Kristo," nga ku mugongo wagamba nti, "Ggwe oli musirusiru w'ani?" Ky'ekyo. Fuuka musirusiru, eri ensi, osobole okukulemberwa Omwoyo Omutukuvu, kubanga abatabani n'abawala ba Katonda bakulemberwa Mwoyo Mutukuvu. Abaruumi 8:1, wagamba nti, "Kale kaakano

tebaliiko musango abali mu Kristo Yesu, abatagoberera mubiri, wabula Omwoyo," abatagoberera musege, wabula Ejjiba. Amiina.

101 Doc yateranga okuyimba oluyimba nti, "Jjuza ekkubo lyange bulijjo n'okwagala, nga bwe ntambula n'Ejjiba ly'Eggulu; ka ŋŋende wonna nga nnyimba era nga nsanyuka, jjuza ekkubo lyange bulijjo n'okwagala." Nga luliba lunaku lwa mirembe eri Ekkuŋŋaaniro lya Branham, oba ekkanisa endala yonna, oba omuntu ssekinnoomu, lwe balyefiiriza eddembe lyabwe, ne bafuuka omwana gw'endiga.

"Eky'okukola kye kiriwa, Ow'oluganda Branham?"

102 Ddamu obeere mwana gwa ndiga, ddamu obeere mukkakkamu, ddamu obeere atalina ky'amanyi, ddamu weeweeyo mu bujjuvu eri Kristo. Togezaako, togezaako kubaako na ky'omanyi. Tambula butambuzi mu buteefu, mu kasirise, mu buwombeefu, mu bukkakkamu, n'Ejjiba linaakukulembera. Naye buli lw'olaba . . . lw'owuliriza olugambo olwo, buli lw'oleka obusungu obwo okubuubuuka, buli lw'olowooza nti olina eddembe okukola *kino* na *kiri*, Ejjiba libuuka bubuusi ne ligenda. Olwo oba tokyalirina. Kati, teriri wala nnyo okuva we muli enkya ya leero, kkanisa. Litudde awo wabweru ku ttabi ery'emirembe, nga lirindiridde obutonde bwo bukyusibwe. Amiina.

103 Kye mweetaaga leero kwe kuwaayo eddembe lyammwe lyonna, kwe kuleka Katonda abagalamize wansi abamweko eddembe lyammwe lyonna. Amiina. Osobola okukubamu akafaananyi engeri endiga eyo ento, e—ebyoya byonna nga bigijjude? Eryo lye ddembe lyayo. Weewaawo. "*Be hehe*, *hehe*, *hehe*." Nga ewejjawejja, n'egalamizibwa ku mmeeza kwe bagenda okugimwerako ebyoya. Be bamanyi ekisingayo okuba ekirungi gy'eri. Bw'ogiggyako eddembe lyayo lyonna n'ogisalako ebyoya byonna, nga eba erabika bulungi era nga edduka mpewufu. Abaffe, abaffe, esanyuka, n'ebuukabuuka awo wonna n'ebeera n'ekiseera ekirungi. Yee, ssebo. Bw'oneefiiriza eddembe lyo, ekyo ky'ojja okufuna. Naye oteekwa okwefiiriza eddembe lyo okkirize Ekigambo kya Katonda kikumweko ensi yonna, kikuggyeko emize gy'ensi gyonna, ofuuke kitonde kiggya mu Kristo.

104 Jjuuzi wano, mu Afirika, nnali njogera n'o—n'omutukuvu akuliridde. N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, mmanyi nti okkiririza mu bintu ebisukkulumye amaanyi ag'obuntu."

Ne ŋŋamba nti, "Mazima ddala, ow'oluganda."

105 N'agamba nti, "Emyaka egyayita nneerowozanga okuba nti nnina kyendi." N'agamba nti, "Nneerowoozanga okuba Omukristayo owa nnamaddala." N'agamba nti, "Naye mu kkanisa yaffe eyo . . . nnalina okulinnyanga akasozi, okuva we nnasimbanga emmotoka yange." N'agamba nti, "Nnalinanga

okulinnya akasozi nga, o, yaadi bisatu oba bina, nga mpita mu bisiko n'ebintu ebirala bwebityo, okulinnyalinnya." N'agamba nti, "Waggulu eyo gye twabeeranga n'enkuŋŋaana ez'okusaba." N'agamba nti, "Nneerowoozanga okuba Omukristayo owa nnamaddala." N'agamba nti, "Nnali mmanyi Bayibuli yonna. Nnasoma Olwebbulaniya lwonna. Ne nsoma enjatula entuufu yonna ey'Ebigambo." N'agamba nti, "Omuntu yenna bwe yajjanga gyendi, nga" [Ow'oluganda Branham akuba entoli—Omuk.] "njogera naye ku bikwata ku Bayibuli. Nnali mmanyi kye njogerako." N'agamba nti, "Lumu ekiro nnali nnyambuka ku kkanisa. Waali wabaddewo obukuubagano bungi mu kkanisa yaffe." N'agamba nti, "Waaliwo obubondobondo bungi obwali bulwanagana. Omanyi bwe butandikawo."

Ne ŋŋamba nti, "Yee, ssebo."

106 N'agamba nti, "Mu kwambuka akasozi, nnali ntambula, amangu ago ne neekengera nti wandibaawo angoberera." N'agamba nti, "Ne ndowoozaamu okulindako katono ndabe y'ani, antuukeko, twogerezeganye nga bwe tulinnyalinnya." Omanyi, ekyo kintu kirungi, okulindamukko katono. N'agamba nti, "Bwe nneyongera okulinnya akasozi," n'agamba nti, "Nnatuuka waggulu. Ne wajja Omusajja nga alinnya akasozi," n'agamba nti, "Yalina omugugu ku mugongo Gwe ogwali gusinga Omusajja obunene." N'agamba nti, "Yali awejjawejja nga bw'assa ebikkowe, nga akuba enta z'ebigere nnyimpi, nga agezaako okutuuka waggulu. Ne ŋŋamba nti, 'Munnange, nkusitulireko omugugu guno okugulinnyisa akasozi?' N'agamba nti, 'Nedda, nteekwa okugwetikka.'" Agamba nti, "Ne ntunula mu mukono Gwe," n'agamba nti, "awo ne ntegeera nti kwali kwolesebwa. Yalina enkovu mu mukono Gwe." N'agamba nti, "Ne ngwa wansi, ne ŋŋamba nti, 'Mukama, weetise bibi bya nsi yonna mu kkutiya eyo?' N'agamba nti, 'Nedda, Nneetise bibyo byokka. Nkuyambako okulinnya akasozi, osobole okulinnya.'"

107 Bwe kityo bwe kiri. Ssinga tusobola okwetolooza amaaso, twandikizudde nti yeetisse byaffe. Ekyo tekikuleetera okuwulira nga otoowaziddwa? Emitima gyaffe emibi, egy'ettima, olw'okuba tusobola okukikola!

108 Jjuuzi wano nnali njigga. Nga bwe mumanyi nti, njagala nnyo okuyigga. Era waaliwo omusajja ow'ettima mu kitundu ekyo, yali musajja wa ttima. Era yateranga okunsekerera olw'obutatta mpeewo enkazi n'ento. Nnagambanga nti, "Kikolwa kya butemu." Nnagamba nti, "Lwaki tobeera muyizzi yennyini, ayigga eby'ensonga n'olasa empeewo ennume enkulu n'ebisolo ebikulu ebinaatera okufa? Katonda yabituwa. Weesonyiwe ziri ento zi nnakazadde n'ebirala . . . "

109 N'agamba nti, "Ah, oli mutiitiizi, mubuulizi!" N'agenda mu maaso nga anjogerera bw'atyo.

110 Ne ŋŋamba nti, “Kati, labayo, ssinga mbadde muyala nga nneetaagayo emu ku mpeewo ezo ento, nzikiriza Katonda yandinsobozesezza okugifuna. Ssi kumala gagenda nga nzikuba amasasi okulaga nti ndi mukugu,” weewaawo, yattanga ezijjuza n’ekigaali. N’agenda n’ayita, nga alinga afuuwa oluwa, era yafuuwanga oluwa olwo ne luwulikika ddala nga empeewo ento ekaaba. Lumu twali mu nsiko ffembi. Ne mmusosonkereza, ne ŋŋamba nti, “Kyandinkwasizza ensonyi.” Yattanga empeewo ento munaana oba kkumi omulundi gumu, bwe yabanga asobodde okukikola, nga akola buli kimu kyonna, okulaga nga bwali omukugu, oba oli awo nga azisalako ebitundu eby’emabega ebirala n’abireka awo. Ne ŋŋamba nti, “Tosaanidde kukikola.”

“Ah,” n’agamba nti, “mmwe ababuulizi muli batiitiiizi!”

111 Lumu yayimirira mu bisaka, yali akutte ffirimbi eyo n’agifuuwa, n’ewulikika nga empeewo ento ekaaba. Nga yaakamala okukola ekyo, empeewo enkazi erabika obulungi n’esitula omutwe gwayo, n’ejja nga ekuba ebisinde. Wali osobola okulaba amaaso gaayo amanene nga gakanuse. Yali yeekanze. Yali yeetolooza amaaso awo wonna. Omuyizzi n’asituka wansi, n’akwata emmundu ye okulasa empeewo enkazi. Empeewo eno enkazi n’eraba omuyizzi. Naye, omanyi, olw’okukaaba kuli okw’empeewo eri ento, teyalaba mmundu eri. Yali enoonya mwana guli; gwali mu buzibu. Omanyi, okwoleka omutima ogwo ogw’obuzadde n’omukwano gwa maama, nti empeewo eyo yasobola okweŋŋanga emmundu eyo butereevu, okufa, n’etunula buteerevu mu mudumu gw’emmundu ogwo. Nkubuulire, entunula eyo yali ya ntiisa nnyo, yamugugumula, n’asuula wansi emmundu ye! N’adduka nga akomawo gyendi n’annyweza omukono, n’agamba nti, “Billy, nsabira, mboneredde!” Bwe yalaba okulabisibwa kw’obuzira bwa maama okwo!

112 O, ensi bw’enaalaba okulabisibwa kw’okwagala kwa Katonda, n’obuzira mu mitima gyaffe egy’obuntu, nga wanaabaawo enjawulo nnene. Bwe tuganya Ejjiba lya Katonda okujja mu mitima gyaffe ne litukkakkanya, ne lituwombeeka.

113 Munda eyo mu kisiikirize ky’ekisambu, ne nnyimirira awo okusabira omuvubuka ono, ne mmwatuza Mukama Yesu. Okuva ku olwo, yali muyizzi omulungi, ayigga eby’ensonga.

114 Mazima, yali alowooza nti alina eddembe, era asobola okukola kyonna ky’ayagala. “Ziri ku ttaka lyange, zirya alufalufa wange emmanga eyo bwe ziba zaagadde.”

115 Ne ŋŋamba nti, “Ekyo kituufu, naye ssi kya buntu okukola ekyo.” Oteekwa okwefiiriza eddembe lyo. Ai Katonda, tusaasire, twefiirize.

116 Wano gye buvuddeko, mu, o, emyaka nga kikumi egyakayita, waaliwo Omukristayo ow’amaanyi eyabeeranga mu bukiikaddyo obw’obugwanjuba bwa Amerika. Yali ayitibwa Daniel Curry,

omusajja omulungi ennyo, omusajja atya Katonda, omusajja omutukuvu, Omukristayo ddala, omuntu buli omu gwe yali amanyi nga, omuntu omulungi ennyo. Era eby'ogerwa bigamba nti, yafa oba yafuna okwolesebwa, n'agamba nti . . . bwe yali ayambuka mu Ggulu, oluvannyuma, lw'okufa. Kati bwe yatuuka ku wankaaki w'amayinja ag'omuwendo, omukuumi n'ajja ku luggi, n'agamba nti, "Ggwe ani?"

117 N'agamba nti, "Nze mubuulizi w'enjiri, Daniel Curry, nnaleeta emmeeme nnyingi eri Kristo. Era ndi . . . njagala kuyingira enkya ya leero. Olugendo lwange olw'oku nsi luweddeko, ssirina kifo waakulaga kati."

118 Bwe kityo bwe kirikutuukako ku makya agamu, ggwe omwonoonyi. Bwe kityo bwe kirikutuukako, ggwe eyaddirira. Bwe kityo bwe kiribatuukako mmwe abaanakuwaza Omwoyo Omutukuvu n'abavaako, nga temukyali bakkakkamu wadde abagonvu. Omaze emyaka n'emyaka tokaaba. Ssimanyi ddi, lwe wakoma kukwatirwa kibi nsonyi. Obwegendereza n'obumativu bwonna bwakuggwako. Mazima. Naye kirikutuukako olumu ku nnaku zino. Naye kati nga Omwoyo Omutukuvu omukkakkamu aze n'akonkona, lwaki tomuggulira n'Ayingira?

119 Kati Daniel Curry bwe yatuukawo ku—ku—ku wankaaki, ne bayingira munda, ne bagamba nti, "Leka tulabe oba nga olina erinnya lyo wano." Ne beekebejja wonna, nga tebalaba linnya. Ne bagamba nti, "Nedda, tewali Daniel Curry wano."

120 "O," n'agamba nti, "mazima ddala!" N'agamba nti, "Ndi mubuulizi wa njiri." N'agamba nti, "Ndeese emmeeme nnyingi eri Kristo." N'agamba nti, "Ngezezzaako okukola ekyo ekituufu."

121 Omukuumi n'agamba nti, "Ssebo, onansonyiwa okukugamba kino, naye tewali Daniel Curry wano." N'agamba nti, "Leka nkubuulire ky'oyinza okukola." N'agamba nti, "Wano tetukkirizibwa kuwulira nsonga yo." N'agamba nti, "Naye wandyagadde okujulira ensonga yo? Osobola okujulira eri Nnamulondo ey'Omusango Enjeru, bw'oba oyagadde." Era n'agamba nti, "Wano tetusobola kukusaasira, n'akatono, kubanga tetukulinaawo wano. Tewali kisa gy'oli." N'agamba nti, "Wandyagadde okujulira ensonga yo?"

N'agamba nti, "Ssebo, kiki ekirala kye nsobola okukola okujjako okujulira ensonga yange?"

122 N'agamba nti, "Kale, kati genda ku Nnamulondo ey'Omusango Enjeru ojulire eyo ensonga yo."

123 Daniel Curry agamba nti yawulira nga ayita mu bbanga okumala essawa nga nnamba. Agamba nti alina we yatuuka, ne weeyongera okutangaala, ne weeyongera okutangaala, ne weeyongera okutangaala, ne weeyongera okutangaala. Yagamba nti, gye yakoma okweyongerayo, gye waakoma okweyongera okutangaala. Kyali kyakayakana emirundi kikumi, emirundi

nkumi okusinga enjuba bwe yali eyase. Era yagamba nti yali ajugumira, nga akankana. N'agamba nti, bwe yatuuka mu makkati g'Ekitangaala kiri, n'awulira Eddoboozi nga ligamba nti, "Wali otuukiridde ku nsi?" Nga liva mu—mu Kitangaala.

N'agamba nti, "Nedda, nnali ssituukiridde," n'akankana.

Ne ligamba nti, "Wali nga mwesimbu eri buli muntu?"

124 N'agamba nti, "Nedda." (Agamba nti, "Waliwo ebyanzijira mu birowoozo nga ssaali mwesimbu mu byo.") N'agamba nti, "Nedda, nda—nda—ndabika ssaali mwesimbu."

Ne ligamba nti, "Wayogeranga mazima gokka mu buli nsonga, mu bulamu bwo?"

125 N'agamba nti, "Nedda. Nnina bye nzijukira bye nnayogera, ebitaali bya bulimba. . . ebyali eby'obulimba. Ssa—ssa—ssa—ssaali wa mazima ddala."

126 Ne ligamba nti, "Kati, watwalako ku kintu kyonna ekitaali kikyo, ekintu kyonna, nga ssente, ekintu kyonna ekitaali kikyo?"

127 Agamba nti ku nsi yalowooza nti yali mulungi nnyo, naye yawulira okunenyezebwa. N'agamba nti, "Nedda. Nedda, nnatwalako ku bintu ebitaali byange."

N'agamba nti, "Kitegeeza wali totuukiridde." N'agamba nti, "Nedda, nnali ssituukiridde."

128 Agamba nti mu kaseera ako yali alindiridde okubwatuka okuva mu Kitangaala kiri ekinene Ejjiba mwe lyali liwumulidde okugamba nti, "Gukusinze!" Agamba nti, mu kaseera ako kennyini yawulira Eddoboozi okuva emabega we, eryali esseeneekerevu n'okusinga eddoboozi lya maama yenna gwe yali awulidde. Agamba nti yakyuka alabe. Era amaaso agakyasinze okuba ag'ekisa ge yali alabye, nga ga kisa n'okusinga aga maama yenna, gaali awo nga gamutunuulidde. Agamba n'Agamba nti, "Kitange, Daniel Curry yayimirira ku lwange ku nsi. Kituufu, yali tatuukiridde, naye yayimirira ku lwange. Yayimirira ku lwange ku nsi, kati ŋŋenda kuyimirira ku lulwe mu Ggulu. Ddira ebibi bye byonna obiteeke ku akawunti Yange."

129 Ani agenda okuyimirira ku lulwo ku lunaku luli, ow'oluganda, bw'omunakuwaza n'Akuvaako leero? Ssikyasobola kweyongera kubuulira. Tukoteke emitwe gyaffe.

130 Ai Katonda omwagalwa, ai ggwe Omwana gw'endiga ogwafa, omuteefu, omuwombeefu, omwetowaze. Ebinyonyi byalina ebisu, n'ebibe byalina empuku, naye Ggwe tewalina kifo, naye, ate, nga ggwe wali Mukama Ow'ekitiibwa! Bwe wazaalibwa, tebaalina yadde ngoye za kukwambaza. Ai Katonda, olwo kati engoye zange zirina mugaso ki gyendi? Emmotoka zange zirina mugaso ki gyendi? Amaka amalungi ga mugaso ki gyendi? Biriba bya mugaso ki ku lunaku luli? Tewalina mikwano; tewali n'omu yayagala kubeera mukwano Gwo. Tewali n'omu yayagala yadde okukuyamba. Wagamba

nti ku lunaku luli Oligamba nti, "Nnali muyala, temwandiisa. Nnali bukunya, temwannyambaza." Byonna bye tulina biriba bya mugaso ki ku lunaku luli, Mukama? Tuyambe tuyimirire ku lulwo, kibeere nti ekiseera ekyo bwe kirituuka ne tutuuka mu Kubeerawo Kwe, oyo ayinza byonna, abeera wonna, a-. . . Ai Katonda, lwe tuliwulira Ejjiba eryo, nga n'ebiwaawaatiro byalyo liwummulidde mu Kitangaala ekyo eky'amaanyi, kiryaka okuyita mu Butaggwaawo bwonna. Nga, otudde mu Kitangaala!

131 "Bwe ndiyimirira awo nzekka, nga muganda wange agenze, nga musumba wange agenze, nga maama agenze, nga kitange agenze, nga mukyala wange agenze, nga abaana bange bagenze, Ai Katonda, kiki kye ndikola mu kaseera ako, Mukama? Kiki kye ndikola mu kaseera ako? Era oba oli awo ekyo kisobola okubaawo nga enjuba tennagwa ekiro kya leero. Naye kiki kye ŋŋenda okukola? Kiki kye nnyinza okukola? Ai Kristo, ŋŋenda kuyimirira ku lulwo kati! Nkola okusalawo kwange leero. ŊŋendaŊŋenda kulekera awo okwogera ku balala. ŊŋendaŊŋenda kuleka obusungu bwange. ŊŋendaŊŋenda kuleka enjawukana zange zonna. ŊŋendaŊŋenda kuleka buli kimu. Nsalaako byonna, Mukama, twala byonna bye nnina. Ntwala butwazi, Mukama. Nja—nja—njagala kuyimirira mu kifo Kyo. Njagala kusalibwako byoya. Njagala okweyagaliza nzekka kwonna, amalala gonna, obutafaayo bwonna, byonna binzigibweko. Oluvannyuma njagala nnyimirire ku lulwo, nga omwana gw'endiga ogumwereddwa ebyoya, nga ndi mwetegefu okuva ku masanyu gonna ag'ebyo bye bayita amasanyu g'obulamu, okugenda mu mazina g'endongo gonna, obubagabaga bwonna, engoye zonna ez'obugwenyufu, okwekolako, okwesiiga eby'oku mimwa, okusiiga enjala, obutafaayo buno bwonna obufaanana nga ensi. Wagamba nti, 'N'okweyisa temweyisa nga ensi. Yadde okukolagana n'ensi. Mubaveemu!' Ai Katonda! Nnyamba, Mukama. Mmwako ebyoya leero. Ntwala nga omwana gw'endiga era leka nsirike, nneme kwasamya kamwa kange, nneme kubaako na kye nkyogerako, nnyimirire buyimirizi awo mmweebwe."

132 Ai Katonda, nga kikola enjawulo nnene! Nzijukira lumu lwe wammwako ebyoya, n'otwala mukyala wange, omwana wange, kitange, ne muganda wange. Wammweera ddala. Naye ate, nga mu mutima gwange, nnali nkimanyi nti nkwagala. Nga ompadde omukisa! Nga obadde mulungi gyendi! Byonna byendi, byonna bye nsobola okuba, byonna bye ndiba; byonna Ggwe, Katonda, byonna Ggwe. Njatula okwonoona kwange, njatula byonna bye nnali nkoze oba bye nnali ndowoozezza. Nsalako ebyoya byonna, Mukama, njagala kubeera ndiga Yo.

133 Ssi ekyo kyokka, Mukama, naye twala buli muntu ali wano enkya ya leero, buli ndiga, n'abo bonna abaagala okubeera endiga, bonna bamweko ebyoya byonna, enkya ya leero, Mukama. Teeka ebigere byabwe mu masamba g'Enjiri. Leka

Omwoyo Omutukuvu abaluŋŋamye okwenenya mu kaseera kano kennyini, bategeere nti babadde tebafaayo eri Katonda. Era leka abasaleko obutafaayo bwonna, ensi yonna n'ebintu byonna eby'ensi. Byonna bisaleko enkya ya leero, Mukama, tusobole okuyimirira nga tuli bakkakkamu era bateefu mu maaso Go, nga Abakristayo abazaaliddwa omulundi ogw'okubiri. Kituwe, Mukama.

134 Nkwagala. Njagala ŋŋende, ssi nsonga oba nga gwaka gutya, oba mpulira nga njagala oba nedda. Njagala ŋŋende. Njagala nnyimirire ku lulwo, kubanga njagala ompolereze ku lunaku luli, ogambe nti, "Weewaawo, yayimirira ku lwange, kati nange leka nnyimirire ku lulwe." Ai Katonda, kikole leero.

135 Kaakano nga buli mutwe gukotekeddwa, na buli mutima nga guwombeekeddwa. Nneewuunya oba nga enkya ya leero wayinza okubaawo omuntu wano nga otegedde nti obadde ogezaako okukola nga bw'oyagala, okoze ebintu bino by'otasaanidde kukola, era owulira enkya ya leero nga wandyagadde Mukama akusaleko byonna, nga ogamba nti, "Akufuule mwana gwa ndiga gwennyini," osobola okuyimusa omukono gwo. Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Omulala yenna agamba nti, "Nsalaako ebyoya, Mukama, nnyimiridde. Ndi ndiga. Ssijja na kwasamya kamwa kange, njagala onsaleko ensi yonna." Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa, mutabani. Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. "Nsalaako, Mukama." Mwanyinaze Gertie. Naawe Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. "Nsalaako, Mukama. Nja—njagala ebintu byonna eby'ensi . . . njagala kuyimirira ku lulwo enkya ya leero. Njagala kuyimirira nga endiga emwereddwako ebyoya. Njagala ebintu byonna eby'ensi binsalibweko. Njagala kubeera wuwo nawe obeere wange. Onanzikiriza, Mukama, nga bwe nnyimusa omukono gwange gy'Oli?" Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa, ssebo. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa, ssebo. Katonda akuwe omukisa, ssebo. Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa, nnyabo, omukono gwo ngulaba. Katonda akuwe omukisa, muganda wange. Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Ekyo kirungi. Katonda akuwe omukisa ali emabega wali, maama. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. Kituufu, beera bubeezi mwesimbu. "Njagala Katonda anzigyeko byonna ebitafaanana nga Ye, ebigendererwa byonna eby'okweyagaliza nzekka bye nnina, obutafaayo bwonna bwe nnina. Njagala ansaleko byonna, enkya ya leero. Njagala kubeera nga Ye. Ssifaayo oba nga ddembe lyange oba nedda; ssirina ddembe lyonna. Nnina eddembe limu lyokka, era eryo, kwe kujja gy'Ali. N'atwala ebisigadde."

136 Waliwo omwonoonyi wano atayatulanga Kristo, tolokokanga, nga oyagala okujjukirwa mu ssaala eno enkya ya leero, osobola okuyimusa omukono gwo, mukwano gwange omwonoonyi? Katonda akuwe omukisa. Omulala yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Nzijukira, ow'Oluganda Branham. Ssiri Mukristayo, era ssimanyi ddi lwe ndisisinkana Katonda. Era nja—njagala okujjukirwa mu kaseera kano kennyini mu kusaba, nga bw'omaliriza." Kale, osobola okuyimusa omukono gwo ne nkusabira? Alaba. Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa, ssebo. Omulala yenna agamba nti, "Njagala kubeera, njagala . . . "

137 Bameka wano abaddirira? "O," ogamba nti, "Ekyo ssisobola kukikkiriza Ow'oluganda Branham." Naye, labayo, Ejjiba eryo ery'obuteefu bwe liba nga lyakuvaako, ow'oluganda, waliwo ekikyamu. Waliwo ekikyamu bwe muba nga temusobola kugumiikirizigana. Bw'oba nga tosobola kusonyiwa buli muntu yenna okuviira ddala ku ntobo y'omutima gwo, ssi nsonga kiki kye yakukola oba kye yayogera, bw'oba nga tosobola kumusonyiwa okuva ku ntobo, Yesu yagamba nti, "Bwe mutalisonyiwa buli muntu byonoono bye, okuva mu mutima, ne Kitammwe Ow'omugggulu talibasonyiwa."

138 Kati, watya ssinga, mu kasana kano akookya, ssinga Katonda akuyita? Nga wakyaliwo Ensulo enzigule, ekkanisa enneetegefu, Omwoyo Omutukuvu nga akyatudde wano mu kasolya k'ekizimbe kino, nga mwetegefu okukka wansi akomewo mu mutima gwo akufuule mukkakkamu era wa mirembe. "Kiki kye nteekwa okukola, Ow'oluganda Branham?" Beera bubeezi mwana gwa ndiga. Omwoyo Omutukuvu ajja kukka butereevu bw'onafuuka omwana gw'endiga. Naye bw'oba nga olina ebigendererwa ebikyamu, enkyamu—endowooza enkyamu, nga oyagala kukola nga bw'oyagala, nga toli mwetegefu kubyefiiriza, awo Omwoyo Omutukuvu talijja.

139 Kati nga tukotese emitwe gyaffe, ssimanyi oba omu ku mmwe abawanise emikono . . . Kati, Yesu yagamba nti, "Oyo awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obutagwaawo, talijja mu musango naye asomose okuva mu kufa okudda mu Bulamu," Omut. Yokaana 5:24. Naye kati bw'oba nga wandyagadde okujja ku wolutaali, ofukamire wansi wano, tusabire wamu okutuusa nga enneewulira eyo ey'obukkakkamu, ey'emirembe gye walina lumu, oba gy'oyagala okuba nayo, nga ekomyewo gy'oli nate. Nga tukyakotese emitwe gyaffe, nga bwe tuyimba nti, *Waliwo Ensulo Ejjude Omusaayi*, njagala ojje, ofukamire wansi osabe. Buli omu yenna kaakano ayagala okujja, afukamire wansi wano ku muziziko gwa wolutaali asabe okumala akaseera.

Waliwo Ensulo ejjude Omusaayi,
Oguva mu misuwa gya Emanweri,

Era aboonoonyi bwe bebbikamu . . .

Katonda akuwe omukisa, nnyabo, jangu wano ofukamire wansi.

Bibavaako . . .

140 Nga mukotese emitwe gyammwe, nga bwe nsuubira nti bwe mukoze n'emitima gyammwe. Mumanyi ayita mu lukuubo enkya ya leero, kigwanidde okubakwasa ensonyi? Omukazi omuddugavu, mukazi wattu, obukongovule bwe buzimbye, alina envi, naye ajja ku wolutaali.

141 Wano eddako, omusajja omukadde omuddugavu yalokoka, mu biseera by'abaddu. Yagenda, era oluvannyuma lw'okulokoka, yagamba mukama we nti takyali muddu. N'agamba nti, "Oli kiki?"

N'agamba nti, "Ssiri muddu." Awo n'amuta.

142 Wano waliwo ekibiina ky'abantu ekirala abajja okufuna obulokozi enkya ya leero. (Yagamba nti takyali muddu.) Buli omu nga ali mu kusaba, era nga osabira ddala bw'oba osobola, nga Omwoyo Omutukuvu bw'akolagana n'abantu abali mu kukola okusalawo.

Yagamba nti, "Mose, ogambye nti oli wa ddembe?" N'agamba nti, "Yee, ssebo, mukama wange. Ndi wa ddembe."

143 N'agamba nti, "Bw'oba nga oli wa ddembe, kati ŋŋenda kukuta, nange. Genda obuulire Enjiri."

144 Bwe yali anaatera okufa, bangi ku baganda be abazungu ne bajja gy'ali okumulaba, era bwe bajja, n'agamba nti, abadde alowooza nti azirise. Bwe yazuukuka, n'agamba nti, "Mbadde ndowooza nfudde." (Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda, fukamira wansi awo, wennyini.) N'agamba nti, "Mbadde mmanyi nfudde."

Ne bagamba nti, "Olabye ki, Mose?"

145 N'agamba nti, "Bwe ntuuse ku wankaaki, ne mmulaba." N'agamba nti, "Mbadde nnyimiridde, nga mmutunuulidde." N'agamba nti, "Wabaddewo Malayika azze n'aŋŋamba nti, 'Jangu eno, Mose. Obuulidde Enjiri okumala emyaka mingi, olina omunagiro n'engule ebikulindiridde.'" N'agamba nti, "'Tombuulira ku bya munagiro na ngule. Ssaagala munagiro yadde engule. Njagala kumutunuulira butunuulizi kyokka.'" Ndowooza nti eyo ye ndowooza ya buli Mukristayo yenna.

146 Jjuuzi wano, erudda eri nga oyisizza e Chicago, nnali mu kisaawe, mu tterekero ly'ebyafaayo, manya, era nnali nneetegereza munda waalyo mwonna. Ne ndaba Omuddugavu omukadde, eyalina omugo gw'envi okwetoloola omutwe gwe, nga atambulatambula, nga akutte enkofiira ye mu ngalo. Ne mmutunuulira. N'abaako akafo we yatunula, n'abuuka n'adda emabega, amaziga ne gatandika okukulukuta ku mba

ze enzirugavu eziriko enkanyanya. N'atandika okusaba. Ne mmwetegereza okumala akaseera. N'addamu n'atunulawo nate, n'atandika okukaaba nate. Ne mmusemberera ne ŋŋamba nti, "Ssebo."

N'agamba nti, "Wangi, ssebo omuzungu?"

Ne ŋŋamba nti, "Ndaba o. . . Kiki ekikusanyusizza ennyo kityo? Olabye ki ekikukyamudde?"

147 N'agamba nti, "Ssebo, ssinga obadde osobola okuwulira ekiri mu mbiriizi zange, nnina enkovu mu mbiriizi zange." N'agamba nti, "Lumu nnali muddu." N'agamba nti, "Mu kasanduuku kano wano ak'endabirwamu, olwo olugoye olulimu."

Ne ŋŋamba nti, "Ndulaba nti lugoye, naye kiki eky'enjawulo ennyo ekiruliko?"

148 N'agamba nti, "Ebbala eryo awo," n'agamba nti, "ogwo musaayi gwa Abraham Lincoln." N'agamba nti, "Omusaayi ogwanzigyako olukoba lw'obuddu." N'agamba nti, "Kati, ssebo omuzungu, tekyandikukyamudde, naawe?"

149 Ne nteeka emikono gyange ku nsingo ye, ne ŋŋamba nti, "Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Mmanyiiyo ku Musaayi omulala ogundeetera okukyamuka nange."

N'agamba nti, "Omusaayi ogwo ngumanyi, nange, ssebo."

150 Ne ŋŋamba nti, "Yanzigyako olukoba lw'obuddu." Edda nnagendanga ku Ssande ne nvuganya mu kuvuga embalaasi n'okweyisa bwentyo, nga njogera eby'okubalaata ebikyafu. Naye, Ai Katonda, nnakikola ntya? Wakyaliwo n'enkovu munda mu mutima gwange mwe nnakikolera. Naye ndi musanyufu nti yanzigyako olukoba. Byonna byagenda kati, yayimirira mu kifo kyange.

151 Jjuuzi wano, nnalaba omukazi, era yali ayambadde bubi nnyo nnayagala n'okumusalira omusango. Katonda n'ampa okwolesebwa. Ne mmusabira mu kaseera ako, kubanga nnalaba nga ebibi byange byali bibi nnyo ddala nga ebibye. Ne ntambula ne ŋŋenda we yali ne ntuula kumpi naye ne kimukwasa ensonyi, bwe nnamugamba nti ndi muweereza. Baganzi be bombi. . . Yali wa myaka nga nkaaga mu etaano oba nsanvu, baganzi be bombi ne bafukamira wansi awo, bonna ne bawaayo emitima gyabwe eri Kristo. O, abaffe, nga kikola enjawulo nnene!

152 T'okikole? Oyonoonye nnyo, enkya ya leero, omutima gwo ogujjuzizza nnyo enziro ne guddugala nnyo okutuusa nti Omwoyo Omutukuvu tasobola kugukomako? Oba oli awo Ejjiba lyabuuka obutadda Emirembe gyonna, lyagendera ddala.

153 Katonda akuwe omukisa, mukwano. Omuwala omuto ajja mu maaso. Katonda akuwe omukisa, omwagalwa. Ogamba nti, "Omuwala oyo omuto talina ky'amanyi." O, yee, amanyi. Eky'enjawulo ekimuliko kiri nti tannasoma magaziini nnyingi

na bikwata ku bya mukwano nga bye waasomye. Eyo ye njawulo, akyali muto. Yesu yagamba nti, "Muleke abaana abato bajje gyendi."

154 Waliyo omulala yenna ayagala okujja, yeegate ku bano enkya ya leero? Wolutaali weeri. Tukiweeyo akaseera akalala nate, kati nga bwe tuyimba omulundi omulala gumu, oluvannyuma tugenda kusaba nga aboonoonyi bano abeenenya bwe basaba.

> Omubbi eyali afa yasanyuka okulaba
> Ensulo eyo mu . . . (Mazima, buli kimu kyali kigenze, musajja wattu ebibye byali bikomye.)
> Era nange bwe ntyo, nga bwendi omubi nga ye . . .

155 Tojje mu maaso kaakano? Tojje mu maaso, ggwe amanyidde ddala eky'okukola? Bayibuli egamba nti, "Bw'omanya okukola obulungi, n'otabukola, kiba kibi nnyo n'okukirawo gy'oli." Tojje mu maaso? Okimanyi nti oli mukyamu. Jangu mu maaso ofukamire wano okwetoloola wolutaali, ogambe Katonda akusonyiwe olw'engeri gy'omuyisizzaamu. Leka Omwoyo Omutukuvu akomewo akufuule muteefu era mukkakkamu era muwombeefu nate. Tookikole? Jjukira nti, bw'ofa, nga ate yafa ku lulwo, tewali n'omu ajja kukuwolereza. Ayagala oyimirire ku lulwe enkya ya leero. Katonda akuwe omukisa, muganda wange.

156 Nkyalindiridde. Be bano bokka, kkumi na bataano mwekka mu kkanisa yonna mmwe muwulira nti gubasinga? Mutambulira mu bulamu obw'emirembe, obuteefu, obukkakkamu, obuwombeefu? Kati, kino kiragiddwa Mwoyo Mutukuvu. Osonyiwa, tolina balabe bonna? Otambulira mu bulamu obususse, obuli waggulu w'okunenyezebwa kw'aboonoonyi? Totambula nga abakaafiiri, otambula mu ngeri ey'enjawulo? Obulamu bwo bwonna bwa njawulo? Nga Omwoyo Omutukuvu omukkakkamu atudde ku nnamulondo y'omutima gwo, akuleetera okubeera ow'emirembe era omuwombeefu era ajjude okwagala, eri abantu bonna? Baliraanwa bo na bonna bakimanyi, ne b'okolagana nabo bakimanyi, nti oli Mukristayo omukkakkamu, omuwombeefu, omwetowaze? Nga Ejjiba lya Katonda liri naawe? Oli mukakafu? Guno gwandiba nga gwe mukisa gwo ogusembayo. Kale.

157 Kati eri mmwe abali wano ku wolutaali, Katonda abawe omukisa. Tekijja kubeetagisa kusalirwa musango kati. Omwoyo Omutukuvu amaze okuleeta okusala omusango gye muli. Era temugezezzaako kusigaza ddembe lyammwe, na kugamba nti, "O, mbadde Mukristayo ebbanga ddene ekimala. Sseetaaga kugenda mu maaso." Abamu ku mmwe, gwe mulundi gwammwe ogusoose okugenda ku wolutaali. "Nsobola okusigala nga ndi mwonoonyi bwe mba njagadde, ddembe lyange." Weewaawo, eryo ddembe lyammwe. Wakolebwa nga olina eddembe

okwesalirawo, osobola okukola kyonna ky'oyagala okukola. Naye mwefiirizza eddembe lyammwe enkya ya leero. Ogamba nti, "Banaayogera ki, nga bulijjo nneeyita Mukristayo ate bandabe nga ŋŋenda mu maaso ku wolutaali, banaayogera ki?" Naye kiki Katonda ky'agamba? Agambye jangu, era n'okikola. Kati weefiirizza eddembe lyo, ozze okufuna Omwoyo Omutukuvu omukkakkamu atwale ekifo Kye mu mutima gwo leero. Nkimanyi nti Ajja kukikola. Nkimanyi Ajja kukikola. Yasuubiza nti Ajja kukikola. Awo, tasobola kukyebeera, tasobola butajja. Yeegayirira, akaaba, yafa, na buli kimu kyonna, nga ayagala ekifo mw'anajja, nga ayagala okujja gy'oli.

158 Era mu ssaawa yo ey'okufa, nga malayika ow'okufa atudde awo emirannamiro, mu kifo ky'okutunula eri awali ebintu eby'entiisa, nga okimanyi nti lumu wagaana okujja, era emmeeme yo yakwata enziro n'eddugala, nga tewakyali kiseera, ne bw'okaaba otya. Esawu yasukka ekibi kye eky'ekisa . . . ekiseera kye eky'ekisa, manya, n'atafuna kakisa. Yakaaba nnyo, nga agezaako okufuna akaagaanya ak'okutereeza, naye teyasobola kukikola. Katonda yamuyita omulundi ogusembayo.

159 Naye ggwe weefiirizza eddembe lyo lyonna n'emikwano gyo gyonna, n'enneewulira zo zonna na buli kimu, enkya ya leero, okujja wano. Weefiirizza eddembe lyo, okufukamira wano wansi okwogera ne Katonda. Nkutegeeza olw'Ekigambo kya Mukama, nti Kristo yagamba nti, "Oyo yenna ajja gyendi, ssirimugobera wabweru n'akatono." Kati nga oli awo ku wolutaali, weenenye, omugambe akusonyiwe olw'okukola byonna bye wakola.

160 Eyo ye nsonga lwaki abantu tebafuna Mwoyo Mutukuvu bwe babatizibwa, baba tebeenenyerezza ddala. Katonda agezaako okubawa Omwoyo Omutukuvu. Ayagala obeere muteefu era mukkakkamu era muwombeefu. Eyo ye nsonga lwaki ositukawo n'okweyagaliza okwo kwe kumu mu mutima gwo. O, oyinza okusitukawo, nga oleekaana, nga oyogera mu nnimi, oba ekintu kyonna, ekyo tekijja kukuleetera kufuna Mwoyo Mutukuvu. Oteekwa okusitukawo awo nga oli muntu wa njawulo. Oteekwa okusitukawo, nga oli mukkakkamu, muwombeefu era muteefu, mwetowaze, nga Omwoyo wa Katonda ali mu ggwe. Omwaka ogujja, tunulako emabega ku kisinde olabe w'otuuse, okirabe nti weeyongera okunywera buli kiseera. Oyo Mwoyo Mutukuvu. Omwoyo Omutukuvu kwagala, ssanyu, mirembe, bugumiikiriza obutatendewalirwa, buteefu, bukkakkamu, bugumiikiriza, kukkiriza. Kati, weenenye ogambe Katonda nti ebyo by'oyagala kati. Ajja . . . Ajja kukikola.

161 Muwala muto, ggwe ali awo, mukwano, naawe kola ekintu kye kimu. Akuwe omukisa. Maama wo ayimirridde awo nga akutaddeko emikono gye.

162 Mwannyinaze ono omukadde omwagalwa omuddugavu, avunnamye ku wolutaali. Oyinza okuba nga obadde olya

bundaazi n'obuugi ebikolebwa mu mpulunguse za kasooli, oyinza okuba obadde osula mu lukuubo, nga bwe mmanyi, mwannyinaze. Katonda awe omukisa omutima gwo, waliwo olubiri olukutegekeddwa mu Kitiibwa enkya ya leero. Kituufu.

163 Tunula wansi ku wolutaali olabe omukyala, agenda amera envi, omukyala omuto nga akotese omutwe gwe, omukazi ajudde envi yenna. Ai Katonda! Laba omusajja afukamidde wansi, n'abalala ab'enjawulo bali wano. Weenenye, musabe akusonyiwe. Mugambe nti tojja kuddamu kubikola. Olw'ekisa Kye, ojja kulekera awo enjawukana zo zonna, okuva leero okweyongerayo. Oyagala kubeera mukkakkamu era muwombeefu. Oyagala kubeera mwetowaze era ogende yonna gy'Akuluŋŋamya.

164 Abantu bwe banabaako kye boogera, ssi nsonga oba kirabika nga ekituufu, ogenda kwefiiriza eddembe lyo obutayogera ku muliraanwa wo. Ojja kwogera, ojja kwogera ku Yesu. Ojja kukola ebintu ebyo byokka ebituufu. Tojja kufuluma nga mutemu. Tojja kufuluma kubuukira ku muntu atalina musango. Naye olabye ekifaananyi ekyo eky'obuzira eky'Abakristayo aba nnamaddala, era oyagala obafaanane. Tojja kwetaaga kugamba muntu yenna nti oli Mukristayo, bw'oba nga ekyo ky'oli, bajja kukiraba era bakitegeere nga bw'oyogera. Ossiddwako akabonero munda ne kungulu.

165 Kati, nga bw'owombeeka omutima gwo, weenenye kati. Gamba Katonda, "akusonyiwe," "tojja kuddamu kubikola," "okwatibwa ensonyi," olw'engeri gye weeyisizzaamu. Oluvannyuma ŋŋenda kukusabira. Era nzikiriza, awo wennyini, emirembe gigenda kukka mu mutima gwo, emirembe egikulukuta nga omugga gigenda kujja nga gikulukuta mu mmeeme yo. Oyinza okuba nga tolekaana, oyinza okuba nga toyogera mu nnimi, oyinza okuba nga tobuukabuuka; naye ogenda kuva ku wolutaali n'Ekintu eky'enjawulo mu ggwe, Ekintu munda mu ggwe ekinaakunywereza ku musaalaba ogw'edda ebbanga lyonna ery'obulamu bwo. Kati saba, nga nange bwe nsaba. Weenenye.

166 Kitaffe Ow'omuggulu. Ebitonde ebitasaanidde, mu kisenge kino ekijjudde ebbugumu, ekirimu okutuuyaana enkya ya leero, mwe tutuuyaanira; naye, Katonda, wayita mu bugubi ku lwaffe. Omwoyo Omutukuvu asse wansi, n'alumiriza abantu nti baasobya. Babadde mu kwoonoona. Emyoyo gyabwe gibadde gya malala. Nga baafuuka ba bulabe, abeekengera, abeefuula abamanyi byonna, abatali beetegefu kwenenya, abatali beetegefu kusonyiwa bantu abaabakola obubi. Tebababadde beetegefu kukikola, naye leero Omwoyo Omutukuvu adidde Ekigambo kya Katonda, n'akiteeka butereevu mu mitima gyabwe emikkakkamu, n'agamba nti, "Kati wandyagadde okukomawo we wali ku mulundi gwe wasooka okujja ku wolutaali, okukomawo mu kifo nga buli muntu, nga oyagala

buli muntu, era nga onjagala n'okwagala okutafa? Kati yimuka ojje butereevu ku wolutaali." Bakikoze, Mukama.

167 Kati, nsaba kaakano olongoose ebirowoozo byabwe, Mukama, longoosa emitima gyabwe, bafuule bakkakkamu era ba mirembe. Leka basituke okuva ku wolutaali eno kati, nga bamaze okwenenya, nga bawaddeyo obulamu bwabwe gy'Oli, baddeyo mu maka gaabwe. Ssi nsonga kiki ekinaabaawo, omwami bw'anaasunguwala, oba omukyala n'asunguwala, oba muliraanwa n'asunguwala, oba omuntu yenna gw'okola naye oba gw'okolagana naye, "Nja kubeera mukkakkamu nga ejjiba."

168 Ndaba, okuwoolera eggwanga kukwo, "Nze ndisasuza, bw'ayogera Mukama." Ekyo nga tukizudde okuba ekituufu, Mukama. Yimirira buyimirizi toseguka, beera mukkakkamu, laba Katonda nga . . . nga akka butereevu eri omwana Gwe ogw'endiga. Mazima, ddala. Omusumba ono omulungi yawaayo Obulamu Bwe ku lwazo, yakka eri endiga Ze. Era ajja kuzikulembera. Zimusanze oyo azitabulatabula! Zimusanze oyo azoogerako ekigambo n'ekimu! Yagamba nti, "Waakiri asibibwe olubengo olunene mu bulago, asuulibwe mu buziba bw'ennyanja. Ba Malayika baabwe batunuulira ennaku zonna amaaso ga Kitange mu Ggulu." Mukiraba? Ai Katonda, twagala . . . "Bye mubakolera, mubikolera Nze."

169 Kale, Katonda, njagala kubeera mukkakkamu. Nneeyala ku wolutaali, nange, enkya ya leero; ssi lwa nkya ya leero lwokka, naye buli nkya na buli lunaku. Njagala kubeera muwombeefu era mukkakkamu, nga Yesu. Kituwe, Kitaffe. Tuyambe tubeere bwe tutyo kaakano, leka amayengo g'okwagala agatafumiitirizika gakulukutire ku mmeeme zaffe.

Emirembe! Emirembe! Emirembe egy'ekitalo,
Egikka okuva ewa Kitaffe mu ggulu;
(Togiwulira kaakano mu mutima gwo?)
. . . ku mwoyo gwange emirembe gyonna,
(Alleruya Alleruya!) . . .

Emirembe! Emirembe! Egy'ekitalo . . .

170 Mwannyinaze Gertie aŋŋambye ŋŋambe ekkanisa yonna nti anenyezeddwa, naye, wabula ennanga gy'akozesezza nga wolutaali ye. Nga bwe kiri nti wolutaali, ennanga ye wolutaali ye, agambye nti, "Gamba ekkanisa ensabire," nga bw'atudde awo nga amaziga bwe gakulukutira ku gaalubindi ze. Ekituuti kino ye wolutaali yange. Nneenenyezza, nange, Bayibuli yange etobye. Ai Katonda!

Emirembe! (Emirembe gya Katonda.)
Egikka okuva ewa Kitaffe mu ggulu; (O, alleruya!)
. . . ku mwoyo gwange emirembe gyonna . . .

171 Katonda, bwe mba nga nnina omuntu yenna gwe nnasobya, oba nga nnayonoona gy'Oli, kiggyeewo, Mukama. Jjawo ekibi okuva mu kkanisa yange entono, enkya ya leero.

172 Bameka abasobola okuwulira nti Katonda akusonyiye, nga Ejjiba ery'Emirembe litudde mu mutima gwo nate? Libuuse ne likomawo kati, ne lidda mu kifo kyalyo. Omwoyo Omutukuvu akomyewo n'agamba nti, "Mwana Wange, mbaddenga njagala okukulaga okwagala ekiseera kyonna. Ggwe abadde taŋŋanya kukikola. Ssisobola kubeera wamu na mwoyo gwo omubi ogw'okweyagaliza wekka. Naye kati nga bw'oguwaddeyo, nkomyewo mu mutima gwo enkya ya leero." Bameka nga owulira bw'otyo? Yimusa omukono gwo. Yimusa omukono gwo, ekyo kituufu, bonna abali ku wolutaali. O, ekyo kirungi. Bameka mu kibiina nga muwulira bwe mutyo? Yimusa omukono gwo. O! (*Nfaanane Yesu.*)

173 Kitaffe ali mu Ggulu, tukwebaza olw'ekiseera kino ekirungi, eky'okwewaayo, nga bw'okwata ekibala ekya apo mu ngalo, n'okinyiga, n'okibetenta, okutuusa lwe kigonda, ne kigondera ddala nga n'omwana omuwere asobola okutuula wansi n'akirya. Bwe tutyo bwe twagala emitima gyaffe gibeere, Mukama. Gikwate mu mukono Gwo ogulimu enkovu z'emisumaali, oginyige, nga bw'ogamba nti, "Mwana wange, tolaba ngeri gy'onnumizza? Wali onnumya bwe wabuubuuka bw'otyo. Wali onnumya, o, omutima Gwange gwakulumirirwa, mwana wange, bwe nnakulaba nga okola *bino-na-biri.* Naye kati nga bwe nnina omutima gwo mu ngalo Zange, njagala ngufuulire ddala muteefu. Njagala ngufuule bwe gutyo nsobole okugukozesa era ngubeeremu. Njagala mbuuke nkomewo ku luwe enkya ya leero, Njagala mbuuke nkomewo era mbeere omwo, mbeere wamu naawe." Kituwe, Katonda. Tukwagala. Kituwe, ku lw'Ekitiibwa Kyo. Tukisabye mu Linnya lya Yesu.

Nfaanane Yesu, nfa . . .

Tewandyagadde kugenda mu maaso nga omusinza bw'oti? O, emmeeme yange enaazibwa kati!

Wano ku nsi nja . . .

Okumulaba nga akka mu—mu basinza bw'ati, omutima gwo guwulira obukkakkamu? Omutima gwange gukuba nnyo entunnunsi.

. . . mu lugendo lwonna okuva ku nsi okutuuka
mu Kitiibwa
Nsaba kimu kyokka kubeera nga Ye.

Osobola okuyimusa omukono gwo nga bwe tuluyimba?

Nfaanane Yesu, nfa . . .

Joe, wandyagadde okujja mu maaso okusaba enkya ya leero, ow'oluganda? Katonda akuwe omukisa. Funa ekifo wano ku wolutaali, Ow'oluganda Joe. Katonda akuwe omukisa . . .?. . .

. . . mu lugendo lwonna okuva ku nsi okutuuka
mu Kitiibwa
Nsaba kimu kyokka kubeera nga Ye.

174 Nkimanyi nti ebbugumu lingi nnyo, mikwano. Nkimanyi lingi. Naye nsu—nsuubira muwulira nga bwe mpulira. O, mpulira nga asobola okubuuka ne ŋŋenda. Nga mulungi nnyo! Nnandikoze ki? Nnandiraze wa? Ai Katonda! Wa gye ndaga? Wa gye njolekedde? Kigenda kubeera ki—kubeera kitya? Ndibeera wa emyaka kikumi okuva kati? Watya ssinga ssaamulina? Wa, wa awalala awali obuddukiro?

Mu mmanvu ye Beserekemu mwavaamu
Omugenyi,
Ku nsi njaayaana okumufaanana;
Okuyita mu lugendo lw'obulamu lwonna
okuva ku nsi okutuuka mu Kitiibwa
Nsaba kimu kyokka kumufaanana.

Ffenna wamu kati.

Nfaanane Yesu . . . (Atenderezebwe Katonda!
Weewaawo, Mukama! Weewaawo, Mukama!
Ssi kufaanana nsi; naye kufaanana Ggwe!)
. . . kumufaanana;
Okuyita mu lugendo lw'obulamu lwonna
okuva ku nsi okutuuka mu Kitiibwa
Nsaba kimu kyokka . . . ? . . .

175 Nga mukotese emitwe gyammwe, ŋŋenda kubaako ne kye mbabuuza. Waliwo omuntu wano anakuwaza Omwoyo Omutukuvu. Waliwo ayitiddwa. Njogera mu Linnya lya Mukama Yesu, nga nnabbi We. Nsobola okukiwulira nti omutima Gwe gulumiziddwa. Wano, waliwo amujeemedde, eyabadde alina okujja. Onajja kati?

Okuyita mu lugendo lw'obulamu lwonna
okuva . . .

Weewaawo, mwannyinaze, naye wakyaliyo abalala bangi.

. . . Kitiibwa
Nsaba kimu kyokka kumufaanana.

Kufaanana Yesu . . . (Kye kyokka kye
njaayaanira, mbeere muteefu era
mwetowaze, muwombeefu nga Ye.)
Ku nsi nja . . .

Temuveeyo kaakano? Katonda ayagala kubalaba nga musitula ekigere, gyeemuli muwerako.

Okuyita mu . . .

176 Nnakitegedde nti mujja kujja. Katonda abawe omukisa. Katonda abawe omukisa. Katonda abawe omukisa. Kyekyo. Kyekyo. Ntunudde mu kibiina kino, ne ndaba ekisiikirize

ekikutte okusinga kye nnali ndabye nga kirengejjera awo. Omwoyo Omutukuvu ali wano kati. Ali ku nze kaakano. "Okunakuwaza Omwoyo Omutukuvu."

Nfaanane Yesu . . .

177 Kiki kye yakola? Yagendanga Kitaawe gye yamuluŋŋamyanga. Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa, muganda wange. Ekyo kituufu, jangu ddala eno mu maaso ofukamire wansi.

Ku nsi njaayaana . . .

178 Kati kino kye kiseera eky'okwenenya okw'enkola enkadde, okugolola, okutereeza. Mujje. Mpulira wakyaliyo abalala bangi. Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa, nnyabo. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Ky'ekyo. Omwoyo Omutukuvu bulijjo abeera mutuufu. Mujje. Kituufu, muveeyo.

. . . Ye.

Nfaanane Yesu, nfaanane Yesu,
Ku nsi nja . . .

O, abaffe, ky'ekyo! Bwe kityo bwe kirina okuba, mujjuze enkuubo, muveeyo musabe.

Okuyita mu lugendo lw'obulamu lwonna
okuva ku nsi okutuuka mu Kitiibwa,

Weenenye, saba Katonda akusonyiwe, ekyo kyokka ky'olina okukola.

. . . kumufaanana.

179 Temweyongere kujja kaakati?

Nfa . . .

Ky'ekyo, weeweereyo ddala, jangu mu maaso.

. . . nfaanane . . .

180 Ogenda kukola ki? Ani agenda okuyimirira ku lulwo, oba oli awo ekiro kya leero? Ani aliyimirira ku lulwo nga okufa kukusemberedde? Ssi nsonga kiki ky'okoze, Omwoyo Omutukuvu atudde awo wennyini kumpi naawe. Ye y'Ayagala ojje.

Okuyita mu lugendo lw'obulamu lwonna
okuva ku nsi okutuuka mu Kitiibwa

181 Weenenye, gamba nti, "Katonda, nsonyiwa. Ssa—ssaagala kuddamu kukikola. Toliyimirira ku lwange bwe ssiyimirira ku lulwo kati. Ate nga njagala oyimirire ku lwange, era nnyimirira ku lulwo okuva leero okweyongerayo. Ŋŋenda kubeera nga Omukristayo bw'ateekwa okuba. Ŋŋenda kukyusa amakubo gange. Ŋŋenda kubeera mukkakkamu era muwombeefu. Ŋŋenda kuleka buli muntu ayogere by'ayagala, byonna. Nze ŋŋenda kubeera muteefu era muwombeefu mu maaso Go." Ssi nsonga

weeyise Mukristayo kumala bbanga ki, oba kkanisa kika ki gy'osabiramu, ekyo tekikirinaako kakwate. Jangu. Katonda akuwe omukisa. Weeyongere okusembera, mwana wange.

182 Katonda ayogera naawe kati. Bwe muba nga munzikiriza okuba omuweereza We, Omwoyo Omutukuvu yayogedde nange enkya ya leero, n'agamba nti, "Yita abantu abo, waliwo bangi eyo mu kibiina." Luno lwe lunaku, kino kye kiseera. Wakyaliyo abalala bataano oba mukaaga, abateekwa okujja kati. Jjukira, muganda wange, mwannyinaze, nkutunuulidde butereevu, ndaba ebizikiza ebyo ebikwafu nga bikulengejjerako. Wandibadde ovaayo n'ojja.

183 Nfaanane Yesu! Tewandyagadde kubeera nga Ye, mukkakkamu, muwombeefu, muteefu, mwetowaze? Katonda akuwe omukisa, muvubuka. Katonda akuwe omukisa, taata asitudde omwana. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. Katonda akuwe omukisa, mukwano gwange omwonoonyi. Ky'ekyo. Sembera mu maaso, mwannyinaze, weeyongere okusembera, weefunire ekifo. Katonda akuwe omukisa.

184 Mwannyinaze omwagalwa, olina bingi eby'okumwebaliza. Bwe wali ku ndiri nga osibiddwa, nga ofa, wuuno kati otambula ojja, ku wolutaali. Katonda awe omukisa omutima gwo omugonvu.

185 Omwoyo Omutukuvu ayogera nate kati. Okwenenya, kaaba bukaabi eri Katonda, saba busabi ssaala yo. Ggwe wayonoona, kati ggwe oli mu kusaba. Saba Katonda akusonyiwe bye wakola. Tofaayo ku ani akuliraanye. Gamba bugambi nti, "Katonda, nsonyiwa, ssaagenderera kubeera bwe ntyo. Njagala kubeera mukkakkamu. Ssiri—ssiriddayo kutabuka na kuyomba nate."

186 Ai Katonda, o, nga nkyagala! Kitaffe Ow'omuggulu, eri buli omu wano ku wolutaali eyeenenya kati, nga bavunnamye ku maviivi gaabwe, basaba! Ai Katonda, leka ba maama, ba taata, abaana, ba taata, ba maama, bonna bonna, baliraanwa, ba mmemba b'omu kkanisa, abadiikoni, abawanika, Ai Katonda, mu kaseera kano ak'okubumbibwa okw'enkola enkadde, nga tutudde mu kisenge kino ekijjude ebbugumu enkya ya leero, Omwoyo Omutukuvu nga akka, nga ayogera emirembe. Ai Katonda, njagala nnyimirire ku lunaku luli nkuwulire nga oyogera, mu bukkakkamu nti, "Weewaawo, wavaayo n'oyimirira ku lwange, kati Nange ŋŋenda kuyimirira ku lulwo." Njagala oteeke emirembe egyo mu buli mutima oguli wano leero, Katonda. Mu buwombeefu era mu bukkakkamu, njagala okikole. Njagala oyingire mu bo n'enneewulira ey'enjawulo eteriddamu kubavaako nate, okuva leero okweyongerayo. Leka amaka gabe maggya. Leka abantu babeere baggya. Leka buli kimu kifuuke kiggya leero, kubanga abantu bano beewombeese. Wagamba nti, "Abantu bange abatuumiddwa Erinnya Lyange bwe baneetoowazanga, ne basaba, kale nnaawuliranga nga

nnyima mu Ggulu." Era nkimanyi nti owulira, enkya ya leero, Katonda.

187 Era nsaba okusonyiyibwa ku lw'abo abasigaddeyo mu bifo byabwe, ababadde bateekwa okujja. Katonda, yogera nabo, era leka baleme kufuna mirembe nate ku nsi okutuusa nga bakoze okusalawo okwo, Mukama, okw'okujja batereezebwe naawe. Kikole, Mukama. Wa omukisa buli omu kaakano. Leka okusaasira Kwo n'ekisa Kyo bibeererenga ku buli mmeeme eboneredde era etoowaziddwa mu kkanisa eno enkya ya leero.

188 Kitaffe Katonda, kino nkikoze okusinziira ku kulagira Kwo. Mpise abantu bano; ne bayimirira. Wagamba nti, "Buli yenna alinjatulira mu maaso g'abantu, nange ndimwatulira mu maaso ga Kitange ne Bamalayika abatukuvu." Bangi ku bano abali wano babadde Bakristayo okumala emyaka mingi, naye bayimiridde wano enkya ya leero okwatula ebibi byabwe bye bakoze. Baafuuka abatayagalikika. Omwoyo Omutukuvu yali yabavaako. Era nga emirundi mingi tebakyawulira nneewulira eyo ey'obukkakkamu, ey'obuwoomerevu, ey'obuteefu gye bateekwa okuwulira. Bangi ku bo boonoonyi abazze omulundi gwabwe ogusooka. Naye, Kitaffe, baagala enneewulira eyo ennungi, emirembe egisukkulumye okutegeera kwonna. Gibawe leero, Mukama Katonda, era leka bonna wamu babeere baagalwa era nga bajjude Omwoyo Wo, nga bwe bava mu kifo kino leero, okudda mu maka gaabwe, okutambulira mu bulamu obw'enjawulo n'okubeera abantu ab'enjawulo. Tukisabye mu Linnya lya Kristo.

189 *Ekifo ku Nsulo*. Kale, mmwe abali ku wolutaali, musituke, mutunule eri Mukama Katonda, kyuka okwate mu ngalo buli omu akuliraanye. O, tugenda kuyimba, buli omu kati, nga tuyimiridde mu kaseera katono ddala nga tetunnagenda mu lukunŋŋaana olw'okuwonyezebwa.

Ekifo, ekifo, weewaawo, waliwo ekifo,
Waliwo ekifo kyo ku Nsulo;
Ekifo, ekifo, weewaawo, waliwo ekifo,
Waliwo ekifo kyo ku Nsulo.

O, buli omu!

. . . ekifo, weewaawo, waliwo ekifo,
Waliwo ekifo kyo ku Nsulo;
O, ekifo, ekifo, weewaawo, waliwo ekifo,
Waliwo ekifo kyo ku Nsulo;

O, ekifo, ekifo, weewaawo, waliwo ekifo!

190 [Ebbanga ku lutambi—Omuk.] . . .?. . . okukkiriza! Okimanyi luli, ow'oluganda, nti mukyala wo—wo yakuba essimu, nga asaba okukusabira? Nnayingira butereevu mu kisenge, era Omwoyo Omutukuvu n'aŋŋamba nti, "Totya." Amiina. Ssi wa nnamaddala? Kirungi nnyo! Kale, tendereza Mukama! Mpulira njagala kuleekaana obuwanguzi! Weewaawo.

Era Omusaayi Gwe gutukuliza ddala okusinga . . .

(Olina ky'ogamba?)

(Yesu alokola!) . . .?. . .

191 Kale, Ow'oluganda Neville kati. N'ow'oluganda Slaughter alina ky'agamba.

[Ow'oluganda Slaughter ayogera. Ebbanga ku lutambi—Omuk.]

192 [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Abaffe! Weebaze Mukama! Amiina! Katonda atenderezebwe! Nzikiriza buli omu alina ky'afunye enkya ya leero."—Omuk.] Kitiibwa! Alleruya! Alleruya! ["Buli omu ku ffe kati kirabika akkiriza Katonda. Alleruya! Bwe mpulira omukisa guno omulungi n'amafuta agali wano ku kituuti, mpulira nga Peetero, eyayogera, nga si lwa kweyagaliza . . .?. . . tuzimbe ensiisira ssatu, tusigale wano. Amiina. Kino kiyitirivu obulungi. Buli omu alina ky'afunye."]

193 ["Kati leka ffenna tuyimirire ku bigere byaffe. Amiina. Mujjukire enkuŋŋaana ez'ekiro kya leero, tulina okunaazagana ebigere n'olukuŋŋaana olw'okusembera. (Wategedde oba nga onaabaawo?)"] Ndabika nja kubaawo ekiro kya leero, nange. ["Nzikiriza nja kubeerawo ekiro kya leero."] Weewaawo, okusinziira nga bwe mmanyi, nja kubaawo okuggyako nga mpitiddwa okubaako awalala we ŋŋenda. ["Amiina."]

56-0805 Ekkanisa n'Embeera Yaayo
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2020 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org